# Obulunngamu bwa Muhammad –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mukusinza kwe, nenkolagananye (banatu abalala) n’empisa ze

Bifunziddwa

Dr. Ahmada bun Uthmaan Al-maziid

Kulw'erinnya lya Allah Omusaasi ennyo owekisa ekingi

Amatendo gonna ga Allah, n’okusaasira n’emirembe bibeere eri omubaka wa Allah nabantu bennyumba ye ne ba swahaaba beN’oluvannyuma lwebyo byonnaMazima ddala ebimu kubyengera ekisinga obukulu gyetuli, kyengera kya busiraamuKubanga (obusiraamu) diini ya bubumbwa n’obwekkatiDiini ebuna (embeera z’abantu zonna) nzijuvuEra diini ya kusoma n’empisaEra nga ddiini etuukagana nabuli mulembe n’ekifo kyonnaDiini yabwangu n’ekisaDiini erimu (amakubo/ empenda eziyitwamu) okumalawo ebizibu byonnaTulina obwetaavu naddala abantu b’omulembe guno okunnyonnyola ebyeyawulidde by’eddiini eno n’obulungi bwayo eri ensi yonnaKisobole okweyoleka gyebali ekifaananyi ekituufu eky’eddiini y’obusiraamuEra nti mazima obulunngamu bwa Muhammadi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- kwekuteeka munkola okwebikolwa okw’eddiini eno,Mazima ddala obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- bwakunganiramu byonna ebyo ebyeyawulidde gyeri ebyagifuula eddiini enyangu y’okuyingiramu n’okuteeka munkolaNabwekityo lwakubuna kwayo ebyo byonna ebikola obulamu bw’omuntu, mukusina, n’okukola emirimu, n’empisa, ebyenfuna nebyomyoyoNe mukitabo kino kyenajja mukitabo kya (Entanda y’omutambuze eri obulunngamu bwasinga abaddu bonna, ekya Imaam Ibu Al-qayyim) ekibalibwa okuba mubitabo ebyawandikiibwa ebikwata ku bulunngamu bwa Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- okusembeza obulunngamu bwe mumbeere z’obulamu bwe bwonnaTusobole okumugoberera nga tutambulira ku bulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye-

Tusaba Allah atuwe okukola kululwe n’okukkiriza, era ateeke omukisa mukitabo kino

Dr. Ahmada bun Uthmaan Al-maziid

dralmazyad@hotmail.com

# Obulunngamu bwe/ embeera ze –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu kwetukuza n’okumala ekyetaago

Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mukumala ekyetaagoYali nga bwayingira mukifo ekikyamilwamu agamba nti:Ayi Allah mazima nze newogoma gyoli (nkwekingiriza) akabi k’amaginni amasajja n’amakaziAte bweyabanga afulumayo agamba nti:Nsaba (ayi Allah) kunsonyiwaEra yalinga ebiseera ebisinga obungi akunkumula nga asitamyeEra yalinga yetukuza namazzi emirungi egimu, ate ebiseera ebirala nga yetukuza namafunfugu, ate ebiseera ebimu yagattanga mukwetukuza wakati wamayinza namazziEra yali nga atawaaza namazzi era neyetukuza namafunfugu n’omukono gwe ogwa kkonoEra yali nga bwetawaaza namazzi nga akuba/ayisa ekibatu kye oluvannyuma lwekyo mu ttakaEra bweyabanga mulugendo nafuna ekyetaago asolooba okutuusa lweyebalamanga ba swahaaba beera yali nga yesikiiriza nga amala ekyetaago namakabyo gemiti olumu oba nebisansa byentende ebiseera ebirala oba nagenda mukiwonvu ebiseera ebiralaEra yalinga afuuyisa mukifo ekigonvu (ekifo ekigonvu kuttaka)Era bweyabanga asitama okumala ekyetaago tasitula ngoye ze okutuusa nga asemberedde okutuuka kuttakaEra yal singa omuntu yenna amutoolera salaamu nga amala ekyetaago tamudda

# Obulunngamu bwe/ embeera ze –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mukufuna wudhu

Yali nga afuna wudhu kubuli swalah yonna ebiriseera ebisinga obungi, ate olumu yasaala nga eswala zonna ne wudhu emu

Era yalinga afuna wudhu ebiseera ebimu namazzi agajjuza ebibatu by’ombiriri (muddi) ate ebiseera ebirala nafunisa agasingako kugo

Era yali omuntu asinga okufunisa wudhu amazzi amatono, neyekesa abantu bekibiina kye okudiibuuda nga muyo (wudhu)

Era yalinga afuna wudhu oluusi omulundi gumu, oba ebiri, oba esatuAte oluusi ebiyungo ebimu nga abinaaza emirundi ebiri ate ebirala esatu, era nga teyasukkako mirundi esatu nakamu

Era yalinga ayumunguza mukamwa n’okufeesa feesa munyindo n’olubatu lumu, ate oluusi n’embatu bbiri, ate oluusi n’embatu satu (ez’amazzi) era yalinga ayunga wakati yokuyumunguza mukamwa n’okufeesa feesa amazzi munyindo (nga olubatu lwayumunguzizzako mukamwa era lwa feesa feesako munyindo)

Era yali ayingiza amazzi munyindo n’omukono ogwa ddyo naganyiza n’ogwakkono

Era tewali mulundi n’ogumu lweyafuna wudhu okujjako nga ayumunguza amazzi mukamwa n’okufeesa feesa munyindo

Era yalinga asiiga omutwe gwe gwonna namazzi, ate ebiseera ebirala nga atambuza emikono gye mu maaso (enviiri wezitandikira) nemabega kunkoona

Era yali nga bwasiiga amazzi kumutwe abunya ekiremba kyonna

Era yalinga asiiga amatuge gombiriri kungulu waago nemunda waago

Era yalinga anaaza amagulu ge gombiriri bweyabanga tayambadde khuffu oba sitookisi

Era yalinga afuna wudhu nga ava kiyungo ku kiyungo nga abirinanisaganya, era teyabitabulako n’omulundi n’ogumu

Era yalinga atandika wudhu ye n’okusoma erinnya lya Allah (Bismillah) nagamba kunkomerero yaayo nti:Nkakasa nti mazima teriyo musinzibwa mutuufu mulala okujjako Allah yekka bwannamunigina, era nkakasa nti mazima ddala Muhammadi mudduwe era Mubakawe, Ayi Allah nkusaba onteeke mwabo abasoyiddwa era onteeke mwabo abatukuziddwaEra Nagamba nti:Wayawuka Allah ayi Allah namatendo go, nkakasa nti mazima ddala tewali musinzibwa mulala okujjako gwe, nkwenenyeza era nensaba gyoli okunsonyiwaWabula natagamba kuntandikwa yaayo nti:Nuyiridde okwejjako ekizuusi, wadde okuggulawo eswala nebigambo ebyo (nawayitu/ nuyiridde/ maliridde) ye kennyini wadde omu mubaswahaaba be n’omulundi n’ogumu

Era yalinga tasukka bukokola n’obukongovule bwombiriri (nga afuna wudhu)

Era teyali nkola ye yalubeerera okukaza ebiyungo bye

Era yalinga ayisa engalo ze mukirevu kye ebiseera ebimu wabula nga teyali nkolaye yalubeerera

Era yalinga ayisa engalo ze wakati w’obugere wabula nga ekyo teyakyekwatako nyo

Era teyali nkolaye kumufukirira mazzi buli lweyabanga afuna wudhu, wabula olumu yefukiriranga, ate oluusi nga bamuyambako okumufukira olwobwetaavu

# Obulunngamu bwe/ enkolaye –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukusiiga ku khuffu ze

Kikafu okuva kuye nti mazima yasiiga nga nga ali mulugendo nenga tali mulugendo, era ali mukitundu wawangaalira/ atali mulugendo n'amugerekera ekiseera ekyokusiiga nga kyalunaku lumu nekiro kyakwo, ate omutambuze/ ali mulugendo asiiga okumala ennaku satu n'ebiro byazo

Era yalinga asiiga kungulu wa khuffuze, n'asiiga ne ku sitookisize,Era n'asiiga ne kukiremba kye nga kukyo kwakoma, wamu ne kubumerero bwenviiri

Era yali teyeekaluubiriza kukola kyennyume kyekyo embeera ebigere bye gyebalingamu, wabula bweyabanga ayambadde khuffu nga asiigako ate bwatazibeerangamu nga abinaaza

# Obulunngamu bwe/ embeera ze –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukutayammama

Yalinga atayammamira wansi w'asaalira, sinsonga n'ettaka oba nejinja oba n'omusenyu, nagamba nti:Wonna omuntu w'ekibiina kyange eswalah wemusanga nga waba muzikiti n'akwetukuza gyali

Era teyalinga nga atambula nettaka (ly'okutayammamako) mungendo empaavu wadde ekyo okukiragira

Era tekyakakako/ sikituufu okuva kuye nti yalinga atayammama kubuli swalah, wadde ekyo okukiragira, wabula ye yalagira kutayammama okutwaliza awamu, era nakufuula kudda mukifo kya wudhu

Era yalinga atayammama n'olukuba lumu kuttaka mu maaso ne ku bibatu byombiriri

# Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu kusaala

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukuggulawo esswalah n'okusoma

Yalinga bwayimirira okusaala agamba nti: Allahu akibar / Allah y'asinga byonna, era talina kintu kyonna kyeyayogeranga oluberyeberye lwa takibiira wadde okwatula enniya omulundi n'ogumu

Era yalinga asitula emikono gye nga bwaleeta takibiira nga enwe ze azigolodde bulungi azolekezza ekibula okutuuka ku namulegeya wamatu ge, nebibegabega bye, oluvannyuma nassa omukono gwe ogwaddyo ku gwakkono

Era ebiseera ebimu yalinga aggulawo esswalah ne:Ayi Allah wensambye wakati wange newakati webyonoono byange nga bweweesambya wakati w'obuvanjuba n'obugwanjuba, Ayi Allah naaza okuva mubyonoono namazzi, n'omuzira, ne suulwe, ayi Allah ntukuza okuva mu mazambi, nebyonoono, nga olugoye olweru bwerutukuzibwa okuva mu bukyafuAte olumu nga agamba nti:Njolekezza ekyenzi kyange eri oyo eyatondo eggulu nensi njawukanye neddiini zonna era nga ndi musiraamu, era siri mwabo abagatta ku Allah n'ekintu ekirala, mazima okusaala kwange, n'emirimu gyange gye nkola (egy'obulungi gyonna) n'obulamu bwange n'okufa kwange (byonna) bya Allah omulezi webitonde byonna, talina amwegattako (mu bwakatonda bwe) nekyo (eky'okumwawula) kyenalagirwa nange nze ow'oluberyeberye mu bamugoberedde/ mubewaddeyo gyali

era yalinga agamba oluvannyuma lw'okuggulawo esswalah nti: nekingiriza/ newogoma eri Allah amponye obubi obuva eri sitaane eyakolimirwa, n'oluvannyuma n'asoma surat al-faatiha

Era muswalah ye yalinamu ensirika zamirundi ebiri: olusirika wakati wa takibiira n’okusoma, abamanyi nebayawukana mulw’okubiri,Kigambibwa nti lwalinga oluvannyuma lwa al-faatiha, era nekigambibwa nti lwa linga oluberyeberye nga tannaba kukutama ku maviiviBweyamalirizanga okusoma al-faatiha yasoma ngayo essuula endala etali yo, ebiseera ebimu yawanvuyanga muyo, ate ebirala nagifunza olwensonga ezitali zimu nga olugendo oba endala, naye nga ebiseera ebisinga obungu yasomanga ekigero kyawakatiEra yalinga asoma kuswalah ya fajri ayaat nga nkaaga okutuuka ku kikumi (60-100)Nagisaaza ne surat QaafuEra nagisaazisa ne surat ArruumiAte oluusi nagisaaza ne surat at-takwiir (bw’eribeera nga enjuba ezingiddwako ekitangaala kyayo nekiggwaawo)Ate oluusi ne surat zil-zaal, (bw’eribeera nga ekankanyiziddwa ensi olukankanya olusingayo amaanyi) mu raaka z’ombiririAte olumu nagisaala nessuula ebbiri ez’okwekingiriza (surat Al-falak ne surat Annaasi) bweyali mulugendoAte olulala yagisaala naggulawo ne surat Al-muaminuuna okutuusa lweyatuuka weboogerera ku Musa ne Haruuna mu raka’a esooka nafuna*** kyava akutamaAte kulunaku olwejjuma yagisaalanga ne surat As-sajdah ne surat Addahar (ddala tekwayita ku muntu ebbanga)Ate yo swalah ya Dhuhr yalinga olumu awanvuya mukusoma kwayoAte yo swalah ya Aswir yasoma nga ekigero ekyenkana nkana ekitundu kimu kya kubiri ekya swalah ya dhuhr bweyabanga agiwanvuyizza, ate oluusi nagisaala ekigero ekigyenkana (dhuhr) nga akendezezza

Ate yo swalah ya magharib olumu yagisaala ne surat Attuur, ate oluusi ne surat Al-mursalaati

Ate yo swalah ya Isha yalinga asoma muyo surat At-tiini ate nalagira Muathi okusoma muyo surat As-shamusu, ne surat Al-aalaa, ne surat Al-lyli, nendala ezigwa muttuluba eryo era natwamwa gyali okusoma muyo surat Al-baqara

Era yalinga nkolaye okusoma e suula mubulamba lamba bwayo, eroluusi yagisoma nga mu raka’a zombiriri, ate olumu nasoma kuntandikwa ye suula, wabula okusoma kunkomerero ye suula ne mu makkkati gaayo tekimumanyiddwaako/ tekyamujjibwakwo

Wabula ate ekyokusoma essuula bbiri mu raka’a emu yalinga akikola ebiseera ebiralalaAte ekyokusoma essuula emu mu raka’a bbiri wamu teyateranga kukikola, era teyalina suula yeyawulidde swalah yonna nga tagisoma kuswalah ndala okujjako eyo, okujjako eswalah ye juma ne Iddi ebbiriYasoma nga qunuutu kuswalah ya fajr oluvannyuma lwokukutama kumaviivi okumala omwezi gumu oluvannuma nalekeraawo, era qunuutu ye yabanga yansonga era ensonga bweyava ngawo nga alekera awoYali nkola ye okusoma qunuutu nga waliwo ensonga eyeyawulidde eguddewo era teyagisoma nga ku fajr yokka

## Obulungamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye-mungeri y’okusaala

Yalinga awanvuya eraka’a esooka okusinga ku yokubiri mu buli swalah

Era yalinga bwamala okusoma (surat al-faatiha, ne surat yonna eddako) asirika ekigero ekyokussa ekikkoowe n’oluvannyuma nasitula emikono gye n’aleeta takibiira nakutama ku maviivi, nassa ebibatu bye ku maviivi ge nga (omuntu) abyekutte ko nagaziya emikono gye nagyesambya omubiri gwe nagolola omugongo gwe nagwalirira neyenkana nkana natasitula mutwe kuyitamu wadde okugukoteka wabula nga agwenkanyankanya n’omugongo gwe

Era yalinga agamba nti:Yayawukana omulezi wange owa wagguluAte oluusi nga agamba nti:Wayawukana ayi Allah, omulezi waffe n’ebitendo byo, ayi Allah nkusaba onsonyiweEra yalinga agamba nti:Omutenderezebwa, atukuzibwa, omulezi wabamalayika, ne JibuliiruEra kwalinga okuvunnama kwe okwabulijjo nga kwenkana entendereza kumi, n’okuvunnama kwe bwekutyo, ate oluusi nga akutama era navunnama ekigero ky’okuyimiriraNaye ekyo yalinga akikola ebiseera ebimu mu swalah y’ekiro yokka, obulunngamu bwe ebiseera ebisinga kwenkanyankanya wakati w’eswalah ekisaaniddeEra yalinga asitula omutwe gwe (nga akutaamulukuka okuva kumaviivi) nga agamba nti:Awudde Allah omuddu we amutenderezzaNasitula emikono gye, nagolola omugongo gwe, nabwekityo bweyasitula nga omutwe gwe okuva mukuvunnama, nagamba nti: Omuntu tafuna mpeera mu swalah singa abanga tagolodde mugongo gwe mukukutama ne mukuvunnamaBweyesimba nga natereera yagamba nga nti: Omulezi waffe era n’amatendo gago, ate oluusi yagamba nga nti: omulezi waffe gago amatendo, ate oluusi nagamba nti: Ayi Allah omulezi waffe gago amatendoEra yalinga oluusi awanvuya empagi eyo ekigero ky’okukutama nagamba muyo ntiAyi Allah omulezi waffe

n'amatendo gago, gajjula amagulu omusanvu n'ensi, nebyo ebiri wakati w'abyombiriri, negajjula mu buli kintu kyewayagala oluvannyuma lwebyo, ayi Allah gwe nyini kusuutibwa n'ekitiibwa, (gwe) akakatibwaako ebigambo ebyo omuddu omulongoofu byayogera, ffe fenna tuli baddubo, Ayi Allah teri aziyiza ekyo kyoba ogabye, era teri agaba ekyo kyoziyizza, n'omuntu ow'ekitiibwa tekiyinza kumugasa ekitiibwa kye mumaaso go (okujjako emirimu emirungi)Oluvannyuma yalinga aleeta takibiira navunnama wansi naye nga tawanise mikono gye, era yalinga asoosawo maviivige oluvannyuma nemikono gye, n'oluvannyuma ekyenyi kye nennyindoyeEra yalinga avunnamira ku kyenyi kye nenyindoye so ssi kumuzingo gwekiremba kye (ekitambala kye)Yalinga avunnama nnyo kuttaka, ne kumazzi, nekuttaka ebbisi, nekubisansa by'entende, nebirago ebirukiddwa mubyo, nekubiwempe ebiruke

Era yali nga bwavunnama akakasa nti ekyenyi kye nennyindoye bituuse bulungi kuttaka, neyesambya emikono gye omubiri gwe (enzida z'ombiriri) nagigaziya okutuusa obweru bwenkwawaze lwebweyolekanga/ lwebwalabirwanga

Era yalinga assa emikonogye wakati webibegabega bye namatuuge, neyenkanankana mukuvunnama kwe, nayolekeza ennwe zengalo n'ezebigerebye mukibula, nayanjuluza ebibatu bye nengaloze, wabula nga tassa mabanga wakati wazo wadde okubizinga

Era yalinga agamba nti:Wayawukana Ayi Allah omulezi waffe n'amatendogo, Allah nkusaba onsonyiweEr nagamba nti:Omutenderezebwa, atukuzibwa, omulezi wabamalayika, ne JibuliiruOluvannyuma nasitula omutwegwe nga bwaleeta takibiira wabula nga tasitudde mikono gye, noluvannyuma natuula nga ayaliridde okugulu kwe okwakkono nakutuulira, nasimba okwaddyoNassa ebibatubye ku bisambibye, era nassa nenkokolaze kubisambibye, nennwe zengaloze kumaviivige, nakwata engaloze bbiri (kyala kisajja ne'olwawakati) nakola saako (cirle) nanyenya olugalo lwe (nva mumba) nga bwasabisa nalwoOluvannyuma nagamba nti:Ayi Allah nkusaba onsonyiwe, onsaasire, onnungamye, onnyunge, ompe eddembe (era ongabirire era onsitule amadaala)Era yali nkola ye okuwanvuya empagi eyo ekigero ky'okuvunnamaOluvannuma nasitukira kubigerebye nga yekutte ku bisambibye, byeyayimiriranga yatandika nga okusoma, wabula nga wano tasirikamu nga bweyasirikanga nga amalirizza okusoma edduwa eggulawo essalahN'oluvannyuma nasaala eraka'a eyokubiri nga bwasadde esooka, okujjako mubintu bina: okusirikamu, n'okuggulawo, ne takibiira eyemizizo, nemukuwanvuya, kubanga yawanvuyanga eraka'a esooka okusinga ku yokubiriAte oluusi yagivanuyanga okutuusa nga towulira wadde ensagiro y'ebigereYalinga bwatuula kutahiyyatu, assa omukono gwe ogwakkono kukisambikye ekyakkono, n'omukono gwe ogwaddyo ku kisambikye ekyaddyo nasonga n'olugalo nva mumbaWabula yalinga talusimba busimbi wadde okulufunya/ okulwebasa wabula yalinga alufunyamuko katono nga bwalunyenya nakwata olugalo olwomumakkati nekyala kisajja nezikola ekyetoloovu nasitula nva mumba nga bwasabisa nalwo nga bwalutunuuliraEra yalinga asoma tahiyyatu mulutuula luno, era nayigiriza ba swahaaba be okugamba nti:Ebiramuso ebirungi, n'okusaba okulungi, n'ebirungi byonna bya Allah, Emirembe gibeere ku ggwe Nabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisagye, emirembe gibeere kuffe ne ku baddu ba Allah abalongoofu, nkakasa nenjatula n'olulimi lwange nti tewali Katonda asinzibwa ku butuufu okujjako Allah, era n'enkakasa nga njatula n'olulimi nti mazima ddala Muhammadi muddu wa Allah era mubaka weEra yalinga agisoma mungeri yalwokyo nga alinga asaalira kujinja eryokyaN'oluvannyuma yalinga asituka nga bwaleeta takibiira ng'asitukira kunnwe z'ebigere bye, nekumaviivige, nga akutte kubisambibye era yalinga asitula emikonogye mukifo kinoOluvannyuma nasoma al-faatiha yokka (nga tagasseeko suula ndala yonna oluvannyuma lwayo) ate oluusi yasoma nga mu raka'a ebbiri ezisembayo ekintu kyonna waggulu (okusukka) al-faatihaEra yalinga bwatuula mu tashahhudu esembayo nga atuula nakkalira kuttakaYatuuzanga amakugunyu kuttaka nafulumya ebigere bye oudda lumu

Nga assa ekigere ekya kkono wansi wentumbwe nekisambi ekyaddyo, ate ekigere ekya ddyo nakisimba ate oluusi yakyaliriranga

Nassa omukono gwe ogwaddyo kukisambikye ekyaddyo, nazinga engaloze essatu nasitula olugalo nva mumba

Era yalinga asaba muswalah ye nagamba nti:Ayi Allah nkusaba onkingirize ebibonerezo by'omuntaana, nebibonerezo by'omuliro jahannama, n'ebikemo by'omubulamu nemu ssaawa y'okufa, era onkirize obubi bw'okukemebwa kwa masiihi dhajaali, ayi Allah nkusaba onkingirize ebyonoono n'obubi

by’amabanjaOluvannyuma yatoola nga salaam kuluddalwe olwaddyo: Emirembe gibeere ku mmwe n’okusaasira kwa Allah, ne kuluddalwe olwakkono bwatyo

Nalagira asaala okwesiikiriza nekintu kyonna ka kabe akasaale oba omuggo era yalinga yesiikiriza muswalah nakasawo akeddiba keyasangamu amazzi bweyabanga mulugendo, era yassanga ekyebagalwakye mu maaso wasaalira

Era yalinga bwasaala nga atunudde kukisenge alekawo ebbanga wakatiwe newakati waakyo ekifo ekisobola okuyitamu embuzi, wabula yalinga takyesamba nnyo, wabula yalagira okusemberera ekibikka

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mubikolwabye mu swalah

Teyali nkolaye okumagamaga mu swalah

Era teyali nkolaye okuzibiriza amaasoge mu swalah

Era yalinga bwayimirira okusaala okoteka omutwegweEra yalinga oluusi ayingira mu swalah nga ayagala okugiwanvuya wabula ate n’awulira omwana nga akaaba, nagikendeeza olw’okutya okukaluubiriza nyinaEra olumu yalinga asaala eswalah eyeteeka nga asitudde Umaamah muwala wa muwalawe kukibegabegakye, bwasituka nga amusitula, ate nga bwakutama era navunnama nga amussa wansiEra yalinga asaala najja Hassan oba Husain neyerippa kumugongogwe nawanvuya okuvunnama olwokutamwa okumujja kumugongogwe

Era yalinga asaala Aisha najja natambula namuggulira oluggi, oluvannyuma nadda kumusaalo gwe

Era yalinga addamu salaamu mu swalah nakulaza

Era yalinga afujja muswalah ye, nga agikaabiramu, era nga agikololeramu olw’obwetaavu

Era yalinga asaalira mubigere nga talina ngatto ebiseera ebimu ate ebiseera ebirala nga ali mungatto, nalagira ba swahaaba okusaalira mu ngatto olw’okwawukana ku bayudaaya

Era yalinga asaala nga ayambadde olugoye lumu, ate ebiseera ebirala mungoye bbiri nga nabyo byebisinga obunji

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu bikolwa bye oluvannyuma lw’eswalah:

Yalinga bwatoola salaam eggalo eswalah asaba Allah okumusonyiwa emirundi esatu, oluvannuma nagamba nti:Ayi Allah gwe mirembe, era emirembe giva gyoli, erinnya lyo lyajjula emikisa, ggwe nannyini kugulumizibwa n’ekitiibwaEra teyalwangawo nga ayolekedde ekibula okujjako ekigero kyekiseera mwayogerera ebyo (waggulu) wabula yayanguwa nga okukyuka natunula eri abasaaze, era yalinga akyukira ku luddalwe olwa ddyo n’olwa kkono

Era yalinga bwasaala eswalah ya fajri atuula mukifo wasaalidde okutuusa enjuba lwevaayo

Era yalinga agamba buli luvannyuma lw’eswalah ezaalalikibwa nti:Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka bwannamunigina talina amwegattako mubwa Katonda bwe, bubwe obufuzi bwonna n’amatendo gonna amalungi gage, era yye kubuli kimu muyinza, Ayi Allah tewali aziyiza ekyo ky’ogabye, era tewali agaba ekyo ky’oziyizza, n’omuntu ow’ekitiibwa tekigenda ku mugasa ekitiibwa kye mu maasogo (awatali mulimuje emirongoofu)Teri busobozi wadde amaanyi wabula bibeerawo kulwa Allah,teri asinzibwa mu butuufu okujjako Allah, era tetulina gwe tusinza okujjako yye, ebyengera byagaba bibye, n’ebirungi byonna bibye, yalina okutenderezebwa oyo Omulungi, tewali asinzibwa mu butuufu okujjako Allah yekka, gwetutongoleza eddiini n’okusinza newankubadde nga abatakkiriza bakitamwa

Era nakubiriza abantu bekibiina kye bagambe nga oluvannyuma lwabuli swalah yatteeka nti: Subhana Allah (ya yawukana Allah) emirundi 33, Al-hamudulillah (Amatendo gonna amajjuvu ga Allah) emirundi 33, Allahu akbar (Allah yasinga byonna) emirundi 33 awamu gemirundi 99, nomulundi ogujjuza ekikumi

ogambe nti: Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka bwannamunigina talina amwegattako mubwa Katonda bwe, bubwe obufuzi bwonna n'amatendo gonna amalungi gage, era yye kubuli kimu muyinza

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu swalah eza kyeyagalire n'okuyimira ekiro:

Yalinga asaala eswalah eza sunna zonna ne swalah eza kweyagalire ezitalina nsonga zonna munyumba ye okusingira ddala sunna ya magaharib

Yalinga yekwata ku ku raka'a kumi nga tali mulugendo olubeerera:Eraka'a bbiri oluberyeberye lwa dhuhr, ne raka'a bbiri oluvannyuma lwayo, n'eraka bbiri oluvannyuma lwa magharib, n'eraka'a bbiri oluvannyuma lwa Isha, munjumba ye, n'eraka'a bbiri oluberyeberye lwa swalah ya fajr

Era kwalinga okwekwatakwe ku sunna ya swalah ya fajr kwamanyi nnyo okusinga ku sunna endala zonna, era yalinga talekaayo swalah ya witir, sinsonga ali mulugendo oba nedda, era tekyamujjibwako nti yasaalanga mulugendo sunna yonna etali ya witir

Era yalinga yewunzikamu oluvannyuma lwa sunna ya fajr ku luddalwe olwa ddyo

Era yalinga asaala olumu eraka'a nnya oluberyeberye lwa dhuhr, naye bwezamuyitako eraka'a ebbiri oluvannyuma lwa dhuhr, yaziriwa oluvannyuma lwa aswir

Era yalinga asaala eswalah ze ezisinga ekiro nga ayimiridde, ate oluusi yasaalanga atudde, ate ebiseera ebirala yasomanga nga atudde bwewabanga wasigaddeyo katono nasituka nakutama nga ayimiridde

Yalinga asaala eraka'a munaana nga atoola salaam oluvannyuma lwabuli raka'a bbiriOluvannyuma nasaala witir eraka'a taano omulundi gumu nga tatuddemu wakati waazo okujjako mu raka'a esembayo,Oba oluusi nga asaala raka'a mwenda, munaana kuzo nga azisaala omulundi gumu, nga tatuulamu wakati waazo okujjako ku raka'a ey'omunaana, oluvannyuma nayimuka nga tatodde salaamOluvannyuma nasaala raka'a eyomwenda, bwabamala natuula nasoma tashahhudu (tahiyyaatu) era nasaza salaamu, oluvannyuma nasaala raka'a bbiri nga amaze okusaza salaam, oba nasaala witir eraka'a musanvu nga bweyasaalanga omwenda ogwogeddwako, noluvannyuma nasaala eraka'a bbiri nga atudde

Era yalinga asaala witir kuntandikwa y'ekiro, oba mu makkati gakyo, oba kunkomerero yakyo, nagamba nti: mufuulenga eswalah yammwe esembayo mukiro eyensobi/ eyensusuuba (witir)

Era yalinga oluusi asaala oluvannyuma lwa lwa witir eraka'a bbiri nga atudde, ate ebiseera ebirala nga asoma muzo nga atudde bweyayagalanga okukutama kumaviivi nga asituka (n'oluvannyuma) n'akutama

Era yalinga otulo bwetumubba/ netumusinza amaanyi oba obuvune bwonna, nga asaala emisana eraka'a kumi na bbiri (12)

Olumu ya yimirira ekiro nga alina a'ya gyasoma nagiddinngana okutuusa kumakya

Olumu yalinga asoma qura'an mu swalah y'ekiro mukaama, ate ebiseera ebirala nga asoma mulwatu, olumu nga awanvuya okuyimirira, ate oluusi nga akendeeza

Era yalinga asoma mu witir surat Al-aalaa (Tendereza erinnya lya Mukama wo owa waggulu) ne surat Al-kaafiruuna (Bagambe nti: Abange mmwe abakaafiiri) ne surat Al-ikhlaas (Bagambe nti Katonda ali omu yekka bwaggereggere/ talina amufaanana mu bwennyini bwe oba ebitendo bye wadde ebikolwa bye)

Byeyatoola nga salaam nga agamba nti: Ya yawukana oyo Allah Kabaka atukuzibwa emirundi esatu nga awanvuya kuddoboozi lye kumulundi ogw'okusatu n'alisitula

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu juma

Kyali munkola ye okugulumiza olunaku lw’ejjuma, n’okuluwa ekitibwa, nokulwawula kunnaku endala nga alukolerako ebyeyawulidde kulwoMubyo mulimu: Okunaaba emisana gwalwo, era nayambala engoye ezisinga okuba ennungi, n’okusirika nga khutuba esomebwa nga kwatteeka, n’okuyitiriza okusaalira Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye-Yalinga afuluma bwebaba nga bamaze okukungaana nabatoolera salaam, oluvannyuma nalinnya emimbari ekituuti, nayolekeza ekyenyikye gyebali nabatoolera salaam, oluvannyuma natuulaBwatyo Bilal nayaziina, era bweyamalirizanga Nabbi nasituka nasoma khutuba awatali kwawula wakati wakwaziina nakusoma khutuba, era yalinga asoma khutuba nga yesimbaggiriza akasaale oba omuggo oluberyeberye nga tannaba kufuna kituuti/ mimbali

Yalinga asoma khutuba nga ayimiridde, oluvannyuma natuula olutuula lwalwokyo, n’oluvannyuma nasituka nasoma khutuba eyokubiri

Era yalinga alagira ba swahaaba okusembera gyali n’okusirika, era nategeeza nti singa omusajja agamba munne mu khutuba nti sirika aba azannye, nayenna azannya talina juma ntuufu,

Era yalinga bwasoma khutuba amaaso ge gamyuuka nasitula eddoboozi lye, obusungubwe nebulinnya, okutuusa okuba nga aduumira ejje

Era yalinga agamba mu khutuba ye nti: Oluvannyuma lwebyo byonna, nakendeeza khutuba (yabanga nyimpi) ate nawanvuya eswalah

Era yalinga ayigiriza ba swahaba be mu khutuba ze, enkondo z’obusiraamu namateeka gaabwo, nabalagira era nabaziyiza singa aba ajjiddwa ekiragiro oba okiziyiza

Oluusi yalinga asala khutuba ye olw’obwetaavu obumujidde, oba olw’okuddamu ekibuuzo kyoyo yenna aba amubuuzizzaN’oluvannyuma nadda ku khutubaye nagimaliriza/ nagijjuuliriza, era yalinga oluusi akka naava ku kituuti olw’obwetaavu oluvannyuma n’akomawoEra yalinga abalagira mu khutuba okusinziira kumbeera nga bweeriNga bwalaba mubo omwavu oba omwetaavu, yabalagiranga okusaddaka, era nabakubiriza kwekyo

Era yalinga asonga n’olugalo lwe nva mumba nga ali mu khutuba mukiseera kyokwogera/ okutendereza Allah, era ekyeeya byekyajjanga yasabanga enkuba mu khutuba

Era yalinga bwasaala ejjuma ayingira munnyumba ye, nasaala raka’a bbiri eza sunna, era nalagira yenna agisadde asaale oluvannyuma lwayo eraka’a nnya

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- ku Iddi ebbiri

Yalinga asaala Iddi ebbiri mukibangirize, era yayambala nga engoyeze ezisinga obulungi

Era yalinga alya entende ku iddi al-fitir oluberyeberye nga tannafuluma kugenda kusaala, era yalyanga nateekamu ezensuusuubaWabula yo Iddi al-adhuha yalinga talya kintu kyonna okutuusa lweyakomangawo okuva okusaala,N’alya ku dhuhiya gyasaze, era yalinga akeereyamu ku swalah ya iddi al-fitir ate nayanguyiriza adhuha,

Era yalinga afuluma awaka nga atambuza bigere, nga asitudde akatebe keyesikiriza nako, era bweyatuukanga nakasimba nasaala nga ayoledde gyekali

Era yalinga bwatuuka mukifo awasaalira nga ayimirizaawo eswala awatali kwaziina wadde okukima eswalah, wadde okugamba nti: eswalah ekunnganya,Era bweyatuukanga awasaalirwa teyasaalanga sunna yonna wadde ba swahaaba be oluberyeberye lweswalah wadde oluvannyuma lwayoEra yalinga atandika n’eswalah oluberyeberye lwa khutuba, nasaala eraka’a bbiri, nga aleeta mwesooka takibiira musanvu nga ziddiringanye takibiira eyemizizo, nga asirika wakati wabuli takibiira bbiri olusirika lutono,Era tewali kutendereza kwonna okweyawulidde kwamujjibwako wakati wa takibiira ezoTakibiira bwezagwangayo, yasoma nga, era bweyamalirizanga naleeta takibiira n’akutama, oluvannyuma naleeta takibiira taano mu raka’a ey’okubiri nga ziddirinnganye noluvannyuma lwazo nasoma (al-faatiha nesurat yonna endala)Bweyamalirizanga okusaala nga asomera abantu khutuba, nga nabo batudde munnyiriri zabwe, nababuulirira, n’abalagira era n’abaziyizaEra yalinga asoma surat Qaafu, ne surat al-kamar (Enkomerero esemberedde okutuuka) zombiriri n’amba/ mubujjuvu ate oluusi nga asoma surat Al-aalaa (Tendereza erinnya lya Mukamawo) ne surat al-ghaashiya

Yalinga asoma khutuba nga ayimiridde kuttaka kubanga teyalinanga kituuti

Naawa olukusa obutatuula nga khutuba esomebwa, nokuba nti eswalah ya Idd emalira ejuma singa idd etuuka kulunaku olwo

Era yalinga kulunaku lwa Iddi adirayo mukkubo ddala (eritali eryo ryeyajjiddemu)

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- nga enjuba esikiriziddwa

Mukiseera enjuba bweyasiikirizibwa yafuluma nagenda eri omuzikiti mubwangu obwekitalo muntiisa nga akulula enkutu ye, nadda mu maaso nasaala raka'a bbiri, yasoma mwesooka surat al-faatiha n'esuula endala empanvu mulwatu, oluvannyuma nakutama ku maviivi nalwawo nga akutamye, oluvannyuma nakutamulukuka nalwawo nga ayimiridde naye nga telulinga oluyimirira olwasooseNagamba bweyasitula omutwe gwe okuva mukukutama nti: "Awulidde Allah omuddu we amutenderezza, Omulezi waffe namatendo gago"Oluvannyuma naddamu n'asoma, oluvannyuma nakutama kumaviivi n'alwawo nga akutamye nga telulinga olukutama olwasooseOluvannyuma nasitula omutwe gwe okuva ku maviivi, oluvannyuma n'avunnama oluvannama nga luwanvu nalwawo nga avunnamye,Oluvannyuma nakola bwatyo ne mu raka'a endala nga bweyakola mu raka'a esooka, nga buli raka'a erimu enkutama bbiri n'envunnama bbiriOluvannyuma nasituka nabasomera khutuba eyamaanyi

Nalagira nga enjuba ebikkiddwa okujjukira ennyo Allah, n'okusaala, n'okusaba, n'okusaba okusonyiyibwa, n'okusaddaaka, n'okuta abaddu

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu swalah y'okusaba enkuba

Yalinga asaba enjuba nga ali kukituuti mu khutuba mwennyini, era yasabanga enkuba n'olutali lunaku lwa jumaEra nasabako enkuba nga atudde mu muzikiti nawanika emikono gye nasaba Allah owekitiibwaEra kyakwatibwa mu duwaze nga asaba enkuba nti:Ayi Allah, nkusaba otonnyese enkuba eri abaddu bo, n'ebisolo, era osaasaanye okusaasirakwo, olamuse ensi yo enfu,Ayi Allah nkusaba otonnyesa gyetuli enkuba olutonnyesa olujimusa ensi, olw'omugaso olutali lw'akabi nga lwabuliwo so ssi lwakulindiriza

Era yalinga bwalaba ekire kyenkuba nempewo kyamanyibwa ekyo mukyenyi kye, nasembera mu maaso ne mabega, bweyatonnyanga yasanyukanga

Era yalinga bwalaba enkuba nga agamba:Ayi Allah gifuule enkuba eyomugasoNakyusa engoyeze okutuusa enkuba lwemutonnyakoBweyabuuzibwa kwekyo: nagamba:Kubanga akyali mupya eri omulezi weEnkuba bweyayitirira b'amusaba asabe erekeraawo okutonnya era naye nakikolaNagamba:Ayi Allah nkusana enkuba embi ojitonnyese bbali waffe, so ssi wamo ewaffe, Ayi Allah etonnye mubifo ebisitufu ne munsozi, ne mubisenyi, ne mubikolo by'emiti

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu swalah y'okutya

Yali nkola nti singa omulabe ali wakati we newakati wekibula okuba nti abasiraamu basimba emabegawe ennyiriri bbiriNaleeta takibiira nabo bonna tebagireeta, oluvannyuma nebakutama era nebakutaamulukuka bonna wamuOluvannyuma olunyiriri olusooka olumulinaanye ne luvunnama, lwo olunyiriri olusembye emabega nelwolekera omulabe, bweyayimiriranga ku raka'a eyokubiri, nga olunyiriri olwemabega nalwo luvunnama envunnama bbiriOluvannyuma nebasituka (abolunyiriri olusembye emabega) nebadda mukifo kyolunyiriri olusooka, bbo abolunyiriri olusooka nebadda emabega, bonna wamu basobole okufuna obulungi bwolunyiriri olusookaNab'olunyiriri olwokubiri basange/ bafune okuvunnama naye mu raka'a eyokubiriNga bwakutama ebibinja ebibiri nabyo bikola nga bwebyakoze omulundi ogwasoose, nga bwatuula kutahiyyatu, nga olunyiriri olwemabega luvunnama envunnama bbiri, nebamusanga ku tahiyyatu, natoola nabo bonna salaamAte omulabe bwatabeera nga kuludda lwa kibula, oluusi ba swahaaba yagabanyangamu ebibinja bibiri, ekibinja ekimu nja kitunudde eri omulabe, ate ekyokubiri nga kisaala wamu naye,Ekibinja ekimu nekisaala wamu

naye eraka'a emu, oluvannyuma nekidda mukifo awadde ekibinja ekirala, nekirala nakyo nekijja mukifo kyakino nekisaala wamu naye eraka'a eyokubiri oluvannyuma natoola salaamBuli kibinja nekijjuza eraka'a emu oluvannyuma lwa salaam ya ImaamAte ebiseera ebirala yalinga asaala nekibinja ekimu raka'a emu, oluvannyuma n'asituka ku raka'a eyokubiri (ekibinja) nekijjuza eraka'a nga ye ayimiridde nekisaza salaamu nga ye tannaba kukutama kumaviiviEkibinja ekyokubiri nakyo nekijja nekisaala wamu naye eraka'a eyokubiri, nga bwatuula ku tahiyyatu nga kyo ne kiyimirira okujjuza eraka'a, nga ye akirindidde ku tahiyyatu, nakyo byekyamalirizanga tahiyyatu nga asaza nabo salaamAte ebiseera ebirala yalinga asaaza ekibinja ekimu eraka'a bbiri era nasaza salaam nabo, nekirala nakyo nekijja nabasaaza eraka'a bbiri era nasaza nabo salaamAte oluusi yalinga asaaza ekibinja ekimu eraka'a emu, nekivawo nekigenda nekitajjuza raka'a ya kubiriNekibinja ekirala nakyo nekijja nasaala nakyo eraka'a emu era nekitajjuza raka'a yakubiri, ye nabanga asadde eraka'a bbiri songa buli kibinja kisadde eraka'a emu emu

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye mukuteekateeka omufu

Bwali olunngamu bwe kubafu nga bulunngamu obusinga obujjuvu, nga bwawukana ku bw'ebibiina/ emirembe emirala nga bujjuddemu okulongoosa eri omufu n'eri abantu be naboluganda lwe,Nga nekisookera ddala kwekumulambula nga muladde, n'okumujjukiza enkomerero, n'okumulagira okulaama n'okwenenya, n'okulagira yenna amuli kulusegere okumwatuza shahaada nti: Nkakasa nti teri asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka, kisobole okubeera ekigambo kye ekisembyeyo munsi

Era yali omuntu/ekitonde ekisinga okusiima Allah mu kugera kwe, era nga yasinga okumutendereza, era yakaaba olwokufa kwa mutabani we Ibrahiim olw'obukwatampola bwe gyali, n'okumusaasira, n'okumunakuwalira, naye nga omutima gujjudde okusiima okugera kwa Allah n'okumwebaza, nga n'olulimi lu lafuubana na kujjukira Allah n'okumutendereza

Nagamba nti:Amaaso gakulusa amaziga n'omutima ne gunakuwala, tetulina kyetwogera okujjako ekyo ekisiimisa omulezi (Allah)

Nagaana (abantu b'ekibiina kye) okwekuba empi kumatama, nokusitula amaloboozi nga bakuba emiranga n'okwazirana,

Era yali nkolaye/ njigiriza ye okwanguyiriza okuteekateeka omufu okumuzza eri Allah, n'okumutukuza, n'okumuyonja, nokumuzinga mungoye (sanda) enjeru

Era yali nkola kye/ njigiriza ye okubikka ekyenyi ky'omufu n'omubiri gwe, n'okumuzza amaaso

Era nga oluusi yali anyegera omufu

Era yalinga alagira okunnaza omufu emirundi esatu, oba etaano, oba okusingawo okusinziira nga anaaza bwaba alabye, era nalagira okuteeka kalifuuwa mu mazzi g'olunaaza olusembayo

Era yalinga tanaaza shahiid afiiridde mulutalo lweddiini, era yalinga ba shahiid abajjako/ abambulamu amaliba nebyuuma era nabaziika mungoye zaabwe nga tabasaalidde

Nalagira afudde nga ali mu mizizo okumunaaza n'amazzi ne sidiri, era azingibwe mungoye ze ezemizizo, nagaana okumusiiga kalifuuwa n'okumubikka ku mutwe

Era yalinga alagira oyoalina obuvunaanyizibwa ku mufu okumuzinga musanda ezisinga obulungi, era bamuzinge musanda enjeru, era nagaana okusukka ekkomo mukugula esanda (obutagula sanda za beeyi nnyo)

Era yalinga singa esanda tebuna bulungi mubuli gwa mufu, abikka kumutwe gwe, nabikka amagulu ge ekintu ekirala kyonna nga ebisubi

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu kusaalira omufu

Yalinga asaalira omufu wabweeru w'omuzikiti, songa ate oluusi yamusaalira nga mu muzikiti wabula nga ekyo tekyali munkola ye enkukuutivu

Era yalinga bwa leeterwa omufu abuuza nti: Abange alina ebanja lyonna? Bweyabanga talina banja nga amusaaliraAte bweyabanga nebanja lyonna nga tamusaalira, wabula nga alagira ba swahaaba be okumusaalira

Naye Allah bweyamuggulirawo yatandika okusaalira abalina amabanja n'okwetikka amabanja gabwe, nalekera emmaali y'omufu abasika be

Era yalinga bwayimirira okusaalira omufu aleeta takibiira natendereza Allah, namusuuta, era nasaba, era yalinga aleeta takibiira nnya, nolumu ng'aleeta takibiira taano

Era yalinga alagira okussaayo ebirowoozo mukusabira omufu, era ezimu ku duwaze ezamujjibwako:Ayi Allah tukusana osonyiwe abantu baffe abakyali abalamu, n'abafu baffe, abato n'abakulu muffe, abaami n'abakyala muffe, abaliwo n'abataliiwo muffe, Ayi Allah! Gw'oba owangaazizza muffe muwangaalize ku busiraamu ate oyo gw'oba ofiisizza muffe mufiisize ku bukkiriza, Ayi Allah totumma (totuziyiza) mpeera ey'okumusaalira (omufu) era totukema oluvannyuma lweNga era bwekyakwatwa mu duwaze:Ayi Allah tukusaba omusonyiwe, era omusaasire, omuddiremu, omuteeke mukifo ekirungi gyalaze, omugaziyize entaana ye, omunaaze n'amazzi n'omuzira, omutukuze okumusonyiwa ebisobyo bye (afaananeko) nga olugoye olwelu bwerutukuzibwa neruvaamu ekko, omuwanyisizeemu ennyumba ennungi esinga eyo gyabaddemu, n'omukyala omulungi asinga oyo gwalese, n'abantu abalungi abasing abo baalese, omuyingize ejjana omutaase ebibonerezo byomuntaana n'eby'omuliro

Era yalinga ayimirira kumutwe gwomusajja, ate omukyala mu makkati

Era yalinga asaalira omwana omuto, era nga tasaalira muntu yenna eyesse, wadde omuntu yenna abbey/ eyegabidde eminyago

Era yasaalira omukyala owekika kyaba Juhaina eyakubwa amayinja (nga ayenze)

Nasaalira Najaash eswalah y'omfu songa teyali nkola ye okusaalira buli mufu ataliiwo (afiiridde ewala)

Era yali nkola ye singa eswalah y'omufu emuyitako okusaalira ku ntaana

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukuziika n'ebigenderako

Yalinga bwasaalira omufu amuwerekera ku limbo nga atambula mu maaso ga jeneza,Era nakifuula sunna awerekera mayiti bwaba nga yebagadde okubeera emabega waayoEra bwabanga atambula abeere kumpi nayo, oba emabega waayo, oba mu maaso gaayo, oba ku ludda olwa ddyo, oba kukkono,Era yalinga alagira okujanguyiriza

Era yalinga tatuula okutuusa nga mayiti ezikiddwa

Era nalagira okuyimirira nga jeneza eyisibwawo, era kituufu okuva kuye nti yatuula nga eyisibwawo

Era yalinga nkolaye okuba nti taziika mufu mukiseera enjuba weviirayo, wadde wegoloobera (w egwiira) wadde wetuukira mu bwekkati bw'eggulu

Era yalinga nkolaye okussa mwanadaani muntaana, n'okusima entaana empaavu, n'okugigaziya omufu wassa omutwe namagulu (emitwetwe n'emirannamiro)

Era yalinga nkolaye okuyiwa ettaka ku mufu bwabanga atekeddwa muntaana kuluddwa lw'omutwe gwe emirundi esatu

Era yali nga bwamaliriza okuziika omufu ayimiririra kuntaana ye namusabira okunyera, era nalagira ba swahaaba be okukikola

Wabula yali tatuula kuntaana nasomerawo quraan, wadde okusomerawo talaqayini

Era yalinga nkolaye okulekayo okubika omufu, nga era bweyakigaana

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu limbo n'okukubagiza

Teyali nkola ye oktuumbiza entaana wadde okujizimba, wadde okuzimbako ebisuwa

Yatuma Ali –Allah yasiimakuye- e Yemen namukuutira obutaleka kibumbe kyonna okujjako nga akisaanyizzaawo, wadde entaana etumbiziddwa okujjako nga ejiseteezza, yali enkola ye okuseeteeza entaana entumbiize zonna

Naziyiza okuwunda entaana, nokujizimbako, nokujiwandiikako

Era yalinga ayigiriza oyo yenna ayagala okumanya entaana y’omuntuwe okuteeka ejinja

Naziyiza okufuulla entaana emizikiti, nokukumako emisubbaawa, era nakolimira oyo yenna akikola

Naziyiza okusaala nga oyolekedde entaana, era naziyiza okufuula entaana ye eky’obulambuzi/ekidinganwa

Era yalinga nkolaye obutakakkanya/ obutatyoboola ntaana wadde okujirinnyako, nobutagituulako, n’obutagyesigama, nobutagigulumiza

Era yalinga alambula entaana za ba swahaaba be olw’okubasabira, n’okusaba Allah abasonyiwe,Nateekawo enkola eri yenna alambudde entaana okugamba nti:Emirembe gibe kummwe bannanyini ntaana abakkiriza abasajja n’abakyala, naffe mazima ddala Allah bwanaaba nga ayagadde gyemuli gyetujja, tusaba Allah atuteeke wamu nammwe mukifo ekirungiEra yalinga nkolaye okukubagiza bannanyini mufu, wabula teyali nkola ye kukungaana olw’okukubagiza n’okusomera omufu qura’an wadde okugisomera kuntaana wadde mukifo ekirala

Era yalinga nkolaye bannanyini mufu obutabakalubiriza kufumbira bantu mmere, wabula yalagira abantu be baba bafumbira abafiirwa emmere

# Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- ku Zaka ne sadaaka

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- ku zaka

Obulunngamu bwe kuyo bwebusinga okuba obujjuvu, mukugereka ekiseera kyayo, n’ekigero kyayo ekigibwamu, n’omutemwa ogutandikirwako,Nabaani abakakatibwako okugiwa, nengabanya yaayo, yatunuula mubyo ekisinga okuba ekirungi eri bannanyi mmaali, n’eri abanaku abetaavuNalaalika mu mmaali y’abagagga ekigero ekimala abaavu awatali kukalubiiriza

Era yalinga bwamanya omusajja nti mazima wamwabo abagifuna, nga amuwa, era bweyagisabibwabanga oyo yenna gwatamanyi mbeera ye nga naye amuwa oluvannyuma lw’okumutegeeza nti mazima abagagga tebalina mugabo muyo wadde oyo yenna owamaanyi eyekolera

Era yalinga nkolaye okugabanya zaka eri abetaavu bekitundu mwevudde, nga kyonna ekiba kifisseewo kitwalibwa gyali nakigabira abalala

Era yalinga tatuma bagikunganya okujjako eri abannanyini mmaali enneyolefu nga abalunzi, nabalimi beberime nebibala

Era yalinga atuma abagerageranya/ abapima entende eri bannanyizo, n’eri bannanyini kuruumu basobole okumanya kipimo ki kyebalinaNababalako zakat okusinziira kwekyo kyebalinaEra teyali nkola ye kujja zakat mu mbalaasi, nekubaddu, n’ennyungu, wadde endogoyi, nenva endiirwa (eranga muno muzingiramu obutungulu, n’ennyanya), wadde ku bibala ebyo ebitapimwa era ebitaterekebwa banga paanvu okujja emizabbibu n’entende embisi,Zo teyayawulu wakati wankalu nambisi

Era teyali nkola ye kutwala kisinga bulungi mu mmaali z’abantu wabula yatwalanga eky’omumakkati

Era yalinga agaana omuntu awaddeyo ate okugula ekyo kyawaddeyo, songa ate yalinga akkiriza omugagga okulya kwekyo kyawaddeyo singa omwavu akimutonera

Era ebiseera ebimu yalinga yewola ku saddaaka/ zakat olw’obulungi lw’abasiraamu, era oluusi yalinga akwata zakat nga ekiseera kyayo kikyabulako okuva mubagagga

Era omusjja bweyajjanga ne zakat yalinga amusabira nagamba nti:Ayi Allah muwe omukisa mu mmaali ye ne munngamiya ye, ate oluusi nga agamba: Ayi Allah musseeko okusaasira kwo

### Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu zakatul-fitir

Yalaalika zakatul-fitir ewebwenga ekigero ekyenkana swaa' muntende oba mu sha'eer (berly), oba amata g'obuwunga, oba emizabbibu

Era yalinga nkola ye okugitoola oluberyeberye lwa swalah ya Iddi,Nagamba:Oyo yenna agiwa ng'eswalah (ya Idd) tennasaalibwa, aba awadde zakat ekkirizibwa, ate agiwa ng'eswalah ewedde eba saddaaka nga saddaaka endala (tafuna mpeera za zakatul-fitir)

Era yalinga nkola ye okugigabira abanaku bokka, era yalinga tagigabanya mu miteeko giri omunaana

Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu saddaaka eyakyeyagalire

Yali omutu asinga okugaba ekyo kyonna kyalina songa teyalina bingi

Era yalinga omuntu yenna tamusaba kintu kyonna okujjako nga akimuwa kibe kingi oba kitono

Era lyalinga essanyu lwe olwekyo kyawaddeyo nga lingi okusinga essanyu lwoyo gwawadde/ akikutte

Era bweyamujjiranga omwetaavu nga yerekereza nakimuwa, kebeere mmere oba kyakwambala

Era yenna eyabeeranga naye nga tayinza kwefuga butamusaasira

Era yalinga ateekuluna ebyo byagaba nebyasaddaaka/ yagabanga era nasaddaaka ebintu ebyenjawuloOluusi yagabanga ekirabo, olumu n'asaddaaka, olumu n'atona, ate olumu nagula ekintu ate oluvannyuma n'awa omutunzi omuwendo gwekyamaguzi nakyo kyennyini, ate oluusi nga yewola ekintu nazza ekisinga kwekyo kyeyatwala, ate olulala nga akkiriza ekirabo ate akimuwadde namuwamu ekisinga obungi ku kyamuwadde

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukusiiba

### Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mukusiiba Ramadhan

Yalinga nkola ye nti teyayingiranga mwezi gwa Ramadhan okujjako nakukakasa mbonekerera yamwezi, oba nokujulira kwoyo agulabyeSinga teyagulabanga wadde okubaawo ajulira nti yagulabye, nga ajjuza ennaku za shabaan amakumi asatu

Era yalinga singa ekiro ekyasatu omwezi gwabikkibwanga ebire natagulaba, nga ajjuza shabaan ennaku asatu, era teyasiibanga lunaku ebire lwebwasikirizanga omwezi negutalabika wadde okulagira okulusiiba

Era yalinga nkolaye okufuluma okuva mu mwezi gwa Ramadhan n'okujulira kw'abantu ba biri (nti omwezi gulabise)

Era yali nkolaye nti singa abantu babiri bajulira nti omwezi gwalabise oluvannyuma lwekiseera kya Iddi okuggwako, nga asibulukuka era nalagira baswahaaba okusiibulukuka, nebasaala Idd enkeera mukiseera kyayo

era yalinga ayanguyiriza okusiibulukuka era ekyo nakikubiriza (baswahaaba) nga alya daaku era namukubiriza, nga amukeereya (daaku) era nakubiriza ba swahaaba okumukeereya

Era yalinga asibulukuka oluberyeberye nga tannasaala, era yalinga asibulukukira ku ntende embisi bweyabanga azifunye, ate bwatazifunanga, nga asibulukira ku nkalu, ate nazo bwatazifuna nga, nga asibulukukira ku mazzi

Era bweyabanga asiibulukuka yagambanga nti:Ennyonta egeeze, n’emimiro negiweweera, n'empeera n'ekakata Allah bwaba nga ayagadde

Era yalinga nkola ye mu mwezi gwa Ramadhan okuyitiriza okukola ibaada ezenjawulo, era Malayika Jibuliiru yalinga amusomesa quraan mukisiibo

Era yalinga ayitiriza mukyo okuwaayo, , okulongoosa, okusoma qura’an, okusaala, okutendereza Allah n’okumujjukira, wamu n’okutuula Itikaafu

Era yalinga akola ibaadaat mukisiibo ezeyawulidde zataakolanga mu mwezi emirala, nga oluusi ayunga okusiiba (na tasibulukuka) era yalinga agaana ba swahaaba be okuyunga okusiiba wabula nabakkiriza kale wakiri batuusenga kuddaaku

Obulunngamya kwe /enjigiriza ye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- eri ebyo ebiziyizibwa n’ebikkirizibwa mu kisiibo

Yaziyiza omusiibi okukola ebikolwa ebyobukaba, okuyomba nokuvumagana, wadde okwanukula oyo akuvumye, era nalagira avumiddwa okugamba amuvumye nti: “Mazima nze nasiibye”

Era yatambulanga mu Ramadhan oluusi nasiiba ate olumu nalya, era baswahaaba be nabawa eddembe okusalawo ekimu ku bibiri (okusiiba oba okusiibulukuka)

Era yalinga abalagira okusiibulukuka bwe baabanga basemberedde omulabe

Era teyali nkola ye okugereka n’okuteeka ekkomo ku buwanvu bw’olugendo omuntu bwalina okusiibulukukirako

Era baswahaaba baalinga bwebatandika olugendo nga basiibulukuka nga tebasinziira ku kuba nti bamaze okusukka amayumba (Amakulu nga basibulukuka nga bakatandika olugendo nga tebalina buwanvu bwalugendo bwebatandikirikako)Era nebagamba nti eyo yenjigiriza era enkola ya Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye-

Era oluusi eswalah ya fajri yamusanga nga nga akyalina janaba, nanaaba oluvannyuma lw’okuyingira kwekiseera kya fajr era nasiiba

Era oluusi yalinga anywegera bakyala be abamu nga naye asiibye mu Ramadhan

Era yalinga asenya nga asiibye, nayumunguza mukamwa, nafeesafeesa namazzi munyindo nga asiibye, era yalinga ayiwa amazzi mumutwe nga asiibye

Era yalinga ajja kuliwa kumuntu alidde oba alidde nga yelabidde

Era nawa olukusa omulwadde n’omutambuze okusiibulukuka nga balina okuliwa oluvannyuma, nabwekityo eri omukyala ow’olubuto nayonsa bwebabanga batidde okufuna obuzibu singa basiibye

## Obulunngamu bwe –okusasira n’emirmbe bibeere kuye- mukusiiba okwakyeyagalire (okwa sunnah):

Obulunngamu bwe mwekyo bwebwali businga obujjuvu, era nga bwamaanyi nnyo mukujjayo ekigenderwa, n’okuba obwangu eri emyoyo gy’abantu

Yalinga asiiba okutuusa abantu lwebagamba nga nti alabika tasiibulukuka, ate nasiibulukuka okutuusa lwebagamba nga nti alabika tasiiba (amakulu nti yenkanya nkanyanga wakati wembeera ebbiri)

Era oluusi yasiibanga omwezi mulamba ogutali gwa Ramadhan, era talina mwezi gwonna gweyasiibanga nga bweyasiiba omwezi gwa ShabaanEra tewali mwezi gonna gwa gwangako okujjako nga alina ennaku zagusiibyemu

Era yalinga nkolaye okutamwa okwawula olunaku lwejjuma n’okulusiiba, era yalinga asiiba olwe balaza n’olwokuna

Era yalinga tasiibulukuka mu nnaku enjeru sinsonga ali mulugendo oba nedda, era yakubirizanga nnyo okuzisiiba

Era yasiibanga mubuli mboneekerera yabuli mwezi ennaku satu

Era nagamba ku nnaku omukaaga mu mwezi gwa shawaal nti:Okuzisiibwa wamu ne Ramadhan kyenkanankana n'okusiiba omwaka mulamba

Era yalinga afaayo nnyo okusiiba olunaku lwa Ashuura'a okusinga ku naku endala era nagamba nti okulusiiba kisonyiyisa omwaka oguyise

Era nagamba ku kusiiba olunaku lwa Arafa nti:Okulusiiba kisonyiyisa omwaka ogwayita n'okuliko, yalinga nkola ye obutasiiba lunaku lwa Arafa nga ali mu Arafat (nga ali mu hijja)Era teyalinga nkola ye kusiiba mwaka mulamba wabula yagambaYenna asiiba omwaka gwonna aba tasiibye wadde okusiibulukukaEra oluusi yanuyiriranga okusiiba okwakyeyagalire ate oluvannyuma nasiibulukuka, era olumu yalinga ayingira eri abantu be nababuuza obanga balinayo ekyokulya kyonna? Bwe bamuddangamu nti: nedda, yagamba nga nti: mazima kati nze nsiibyeNagamba:Singa omu mummwe ayitiddwa eri ekijjulo nga abadde asiibye agambe nga nti: Mazima nsiibye

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu Itikaafu

Yalinga atuula itikaafu mu naku ekkumi ezisembayo mu Ramadhan okutuusa Allah lweyamujjulula, era omulundi gumu yagireka nagiriwa mu mwezi gwa shawaal

Era lumu yatuula itikaafu munnaku ekkumi ezisooka, ate olulala munnaku ezawakati, ate oluvannyuma mukkumi erisembayo nga anoonya ekiro kya lailatul-qadirOluvannyuma tekimweyolekera nti kiri munnaku ekkumi ezisembayo, nagenda mu maaso n'okutuula itikaafu muzo okutuusa lwe yasisinkana Allah we owekitiibwaEra teyatuulako itikaafu okujjango nga asiibyeEra yalinga alagira nebamuteerawo akasiisira mu muzikiti neyeyawula mukoEra yalinga bwayagala okutuula itikaafu, nga amala okusaala fajr n'oluvannyuma nayingira itikaafu

Era yalinga bwayingira mu itikaafu ayala obuliri bwe wagituulidde, era yalinga ayingira mukisuwa kye bwomu

Era yalinga tayingira munnyumba ye (nga ali mu itikaafu) okujjako lwa bwetaavu bwa muntu

Era yalinga afulumya omutwe gwe eri ennyumba ya Aisha namusanirira nga naye ali munsonga

Era bakyala be abamu baalinga bamukyalira nga ali mu itikaafu, bweyasitukanga okudda eka nga ayimuka namuwerekerako bwebwabanga obudde obwekiro

Era yalinga tazannya zannya namukyala yenna mubakyala be nga ali mu itikaafu kakube okumunywegera wadde ekintu kyonna ekirala

Era yalinga atuula itikaafu omwaka gwonna ennaku kumi, naye mu mwaka gweyafiiramu yatuula itikaafu ennaku amakumi abiri

# Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu hijja ne Umurah

## Obulunngamu bwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- mu Umurah

Yakola Umurah emirundi ena, emu kuzo ye umurah ye Hudaibiya, abashiriku nebamuziyiza okutuuka ku Kaaba nasala ekisolo, namwako nenviiri mukifo wennyini webamuziyiriza, naava mu mizizo,

Eyokubiri yali Umuraha yakuliwa (eri jebamuziyirizaako) nagiriwa omwaka ogwaddako

Eyokusatu: ye Umurah ye jeyalinaanisa ne hijja ye (hijja ya qiraan, bweyakola hijja ne Umurah nga avudde n'ekisolo ky'okusala emadiinah)

Ekyokuna: jeyakola nga ava eju-auraanah

Era talina Umurah n’emu mubuwangaazi bwe jeyakolera bweru wa Makkah wabula zonna zaali munda mu Makkah

Era tekyamujjibwako n’omulundi n’ogumu nti yakola hijja mu mwaka okujjako emu bweti, era teyakolakolako mu mwaka ogumu Umurah bbiri

Era nga umurah zonna zalinga mu mwezi gya hijja

Nagamba:Umurah ekoleddwa mu Ramadhan yenkanankana ne hijja

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu hijja

Hijja bweyalaalikibwa yayanguwa okugikola awatali kukeerewa, era teyakola mubulamu bwe okujjako hijja emu, era nga yakola hijja ya qiraan (hijja ne umurah wamu nga atambudde nensolo yokusala)

Yayingira mu mizizo gya hijja oluvannyuma lwa dhuhur noluvannyuma nalangirira nagamba nti:Nyanukudde omulaga gwo ayi Allah nyanukudde, nyanukudde teri kikwegattako mubufuzibwo nemukusinzibwako nyanukudde, mazima amatendo nebwengera bibyo n’obufuzi teri akwegattako mubyo nemukusinzibwako,Nasitula eddoboozi lye nebigambo ebyo (talubiya) okutuusa baswahaaba lwebaaliwulira, nabalagira olwekiragiro kya Allah okusitula amaloboozi gaabwe ne talubiyaNagenda mu maaso netalubiya ye, nga abantu abamu balina byeboonderamu ate abalala nga bakendezamu, wabula natakimwa (natabagaana)Naawa ba swahaaba be ebbeetu mukiseera kyokuyingira emizizo okulondako wakati webika bya hijja ebisatu, (tamattu-u, qiraan ne Ifuraad)Oluvannyama n’abagazisa nga basemberedde okuyingira Makkah okusazaamu hijja ne qiraan bagifuule umurah eri oyo yenna atalina nsolo yakusala gyazze nayo

Era hijja ye yali yebagadde kunsolo, nga tasituliddwa mu kintu wade ekigaali ekisikibwa, nga entanda ye eri wansi we (omugugu gwe nebyokulya bye)

Naye bwebatuuka e Makkah yalagira ekiragiro ekisemba yo yenna atazze nakisolo kyakusala agifuule Umurah era ave mu mizizoEra yenna alina ekisolo kyokusala asigale mu mizizoOluvannyuma nasituka okutuusa lwebatuuka dhi twawah, nebasulawo ekiro kyasande nga nya omwezi gwa dhul-hijja nasaalirawo swalah ya subuhi oluvannyuma nanaaba emisana gwalwoNayingira Makkah misana nga eva waggulu waayo kuludda olulengera hujuunuBweyayingira omuzikiti yagenda butereevu ku Kaaba, era teyasaala raka’a ebbiri ezekiramuso ky’omuzikitiBweyasemberera ejinja eruddugavu yalikwatako, teyalirwako, oluvannyuma nadda ku ddyowe Kaaba nga emuli kukkono, era teyasabira kumulyango gwaayo duwa yonna, wadde kulubalaza lwayo, wadde waggulu waayo ne'kumpagi zaayoWabula kyagibwa kuye okusoma wakati wempagi ebbiri nti:Ayi Allah tuwe munsi muno obulungi, ne munkomerero obulungi eri otwekese ebibonyoobonyo by’omuliroEra talina dhikir yonna jeyassaawo ku twawaafu etali eyo

Natambula nga ayanguyirira mu kwetoloola emirundi gye esatu egyasooka, nga bwabbirira ebigeere, naddira hiraami eyawuggulu nagiyisa wansi munkwawa nabikka ekyakkono, naleka ekibegabega kye ekyaddyo nga kiri bweru

Era buli lweyatukanga ku jinja eriddugavu nga ayolekera gyeriri nalaza kulyo oba ngalikwatako nomuggo gwe nanywezera omuggo, nagamba nti: Allahu akibar (Allah yasinga byonna)

Era nakwata kumpagi eya yamaani wabula teynywegera mukono gwe nga agikutteko

Bweyamaliriza okwetoloola, yajja emabega wa maqam Ibrahiim nasoma {Mufuulenga maqaamu Ibrahiimu awokusaalirwa}, nasaala raka’a bbiri nga maqaamu eri wakatiwe ne kaabaYasoma muzo oluvannyuma lwa surat al-faatiha essuula bbiri nga nazo: surat al-kaafiruuna (bagamba nti; abange mmwe abakaafiiri) ne surat al-ikhilaas (Gamba nti Allah ali yekka bwaggereggere)Era bweyamaliriza okusaala (eraka’a ebbiri) yadda kujinja eriddugavu nalikwatakoOluvannyuma nafuluma nagenda ku Sswafa’a bweyagisemberera nasoma a’ya egamba nti:{Mazima obusozi bwe makka Sswafaa ne Al-marwat bu balibwa mu bubonero bwa Allah}Ntandika nekyo Allah kyeyatandika nakyo (Sswafaa)Oluvannyuma nakawalampa okutuusa lweyalaba Kaaba nayolekera ekibula, natongoza Allah namugulumza nagamba nti:Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka talina kimwegattako mubwakatonda bwe, bubwe obufuzi bwonna namatendo gonna amalungi gage, era yye kubuli kimu muyinza Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka, yatuukiriza okweyama kwe nataasa

omudduwe nawangula/ nasanyawo ebibinja byonna yekkaOluvannyuma n'asaba wakati wekyo, nagamba bwatyo emirundi esatu

Oluvannyuma nakka nadda e marwat era bweyalinnya ekigere kye wansi mukiwonvu yayanguyirira okutuusa lweyakimalako natambula era nga wewakati webitaala byakiragala ebibiri, era yatandika sswafa ne marwat nga atambula oluvannyuma nagimaliriza nga yebagadde kunsolo abantu bwebeyongera obungi

Era yalinga bwatuuka ku kasozi marwat nga akawalampa, nayolekera Kaaba, nagamba nti Allahu akibar (Allah yasinga byonna) era namwawula namutongoza nakola nga bweyakoze ku sswafaa

Bweyamaliriza sa'ayi ye kuludda olwa marwat, yalagira biri yenna atazze nakisolo kyakusala okuva mu mizizo sinsonga abadde yanuyiridde hijja ya qiraan oba ifraad

Naye yye teyava mu mizizo olw'okubanga yalina ensolo y'okusala jeyajja nayo nagamba nti:Singa nategereddewo kyemanyi kati, sandizze nansolo (kuva madiinah) ne ngifuula umurahNasabira abo bonna abamazeeko enviiri zaabwe n'okusonyiyibwa emirundi esatu ate abakendeezezza nabasabira omulundi gumuEra yalinga asaaza abasiraamu ebbanga lyeyamala emakka okutuusa kulunaku olwomunaana (omwezi gwa dhul hijja- taruwiya) munyumba ye mu makka nga asala ku swalahOlunaku lwomunaana bwerwatuuka, mukiseera nga enjuba evuddeyo yatambula wamu naabo beyali nabo neboolekera emina era nebayingira mu mikolo gya hijja bonna abaali bagivuddemu kwabo bebajja naboBwebaatuuka e maina basimba awo amakanda nasaalirawo dhuhri ne aswir era nebasulawo, enkeera enjuba bweyavaayo yatambula nava e mina nagenda mu lusenyi Arafat, nga muba swahaaba mulimu abaleeta talibiya ate abalala nga baleeta takibiirah nga byonna abiwulira natabigaanaNasanga nga bamaze okumuteerawo weema e namirat olwekiragiro kye, nga ne namirat teri munda mu Arafat nga nakyo kyalo mubukiika ddyo bwa Arafat nawummulirawo okutuusa enjuba lweyakyuuka nesala obwekkati bweggulu, natumya enngamiya ye eyitibwa Al-qaswaa'a nagirinnya,Oluvannyuma natambula okutuusa lweyatuuka wakati mu kyererezi uranat,Nasomera abantu khutubah emu eyamaanyi nga ali waggulu kunsolo ye, yaddingana muyo enkodo enkulu ez'obusiraamu, namenyamenya muyo enkondo za shirik n'obutamanya (jahiriyyat)Yaddinngana muyo okugaana ebyo byonna ebyaziyizibwa ebyegattibwako enzikiriza zonna nti byaziyizibwa, nassa ebintu byonna ebya jahiriyya nebyali bisinzibwa mu jahiriyya wansi webigere bye,Nabalaamira okuyisa abakyala obulungi, era nalaamira abantu bekibiina kye okwekwata ku kitabo kya Allah, nabaatuza era najulira Allah nti mazima atuusizza (obubaka) n'obuvunaanyizibwa era nabuulirira

Bweyamaliriza khutuba yalagira Bilal nayaziina, oluvannyuma nakima eswalah, nasaala dhuhr eraka'a bbiri mukyama atenga lwali lunaku lwa juma

Oluvannyuma nakima ogwokubiri nasaala aswir eraka'a bbiri nga ali wamu nabantu be makka wabula natabalagira kujjuza swalah era tebaaleka kuzigatta

Bweyamaliriza okusaala yalinnya ensolo ye okutuusa lweyatuuka awayimirirwa, abatntu bwebaabuusa buusa mukusiiba kwe olunaku lwa Arafat, mukyala we Mayimuuna yamuweereza ekyanzi ky'amata wali weyali ayimiriddeNaganywa nga abantu bamulabaNayimirira kuntandikwa y'akasozi awali olwazi,Nayolekera ekibula,Nga alina omuguwa mungaloze, eya yali kunsoloye (waggulu)Natandika okusaba n'obwetowaza, okutuusa enjuba lweyagwaNalagira abantu okudda waggulu wa wekikko Uranat nagamba nti:Nyimiridde wano ne Arafah yonna kifo kyakuyimirira muEra yali asaba nga awanise emikono mukifuba kye nga omunaku asaba emmere nagamba:Edduwa esinga obulungi, duwa ya lunaku lwa Arafah nedduwa esinga obulungi jensabisa nayo neba Nabbi oluberyeberye lwange: La ilaaha ill-Allahu wahdahu la shariika lah. Lahul-mulku wa lahul-hamdu wa huwa `ala kulli shay'in qadiir "Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka talina kimwegattako mubwakatonda bwe, bubwe obufuzi bwonna namatendo gonna amalungi gage, era yye kubuli kimu muyinza"Enjuba ngemaze okugwa, yalindamu okutuusa nga ekya kyenvu kiwedde kuggulu yatambula naava mu Arafat mpolampola nadda e Muzidalifah nga aweese Usaama bun Zaid emabega kunsolo ye, nasika omuguwa gwensoloye nga bwaguzza emabega okukendeeza kumisinde gyayo okutuusa omutwe gwayo bwegwakoona ku ngattoze nagamba nti:Abange mmwe abantu mube bakkakkamu mazima okwanguyiriza sikabonero kabukkirizaAmakulu nti: tebuli mukwanguyirizaNayitiriwa mukkubo lya Ma'zimain, naye yali yayingidde Arafat mukkubo lya Dhabbu, oluvannyuma natambula mumbeera eyabulijjo amakulu nga tatambula kasoobo nnyo wadde okwanguwa ennyo (wabula wakati wa byombiriri) nga bwasanga awagazi nga ayanguwamuEra yalinga atambula nga bwaleeta talibiya era

teyalekayo, yayimirikako mukkubo nafuyisa anafuna wudhu mumbeera yalwokyo,Oluvannyuma natambula era teyasaala okutuusa nga atuuse e Muzidalifah nafuna wudhu, oluvannyuma nalagira nebaziina, nebakima nebasaala magharib nga tebannatikkula migugu wadde okusiba ensolo zaabweBwe baamala okutikkula emigugu gyabye n'okusiba ensolo yalagira nebakima eswalah nebasaala Isha-e nga tebayaziinye (gwakubiri) teyasaala wakati waazo (magharib ne Isha-e) kintu kyonnaOluvannyuma neyeebaka okuusa obudde lwebwakya, era teyasaala kiro ekyo (teyasula nga akola Ibaadah)

Yakkiriza ekiro ekyo mukiseera omwezi wegwabulira abanafu okutambula bade e mina nga emmambya ya fajir tennasala, wabula nabalagira okutakuba kiwaji okutuusa nga enjuba evuddeyo

Emmambya nga emaze okusala yasaala fajri mukisaaera ekisooka oluvannyuma lwokwaziina n'okukima eswalahOluvannyuma nalinnya kunsolo ye okutuusa lweyatuuka mukyerereze nategeeza abantu nti muzidalifa yenna ayimirirwamuNayolekera ekibula natandika okuasaba n'obwetowaze nobugonvu, nga bwagamba nti Alhamudulillah Allahu akibar, nokuleeta adhikaar okutuusa obudde lwebataagaalira ddala oluvannyuma natambula naava e muzidalifah nga enjuba emaze okugwa nga aweese Al-fadhulu bun AbbaasiMukkubo yalagira Ibun Abbaasi amulondere amayinja g'okukuba ekiwaji musanvu, natandika okugawewa mungalo ze nga bwagamba nti:Agafaanana oba agenkana nkana bwegati gemuba mukubisa, mbekesa okusukka ekkomu mu ddiiniBweyatuuka wakati mu muhassira yatandika okwanguyirira, nakwata ekkubo eryawakati erifuluma ku kiwagi ekinene,Okutuusa bweyatuuka emina nga aleeta talubiya okutuusa lweyatuuka kukiwagi,Nakuba ekiwagi ekinene (Jamurat al-aqabah) oluvannyuma lwenjuba okuvaayo nga ali kunsolo ye, nga ali wansi wekiwonvu nga Kaaba eri kuludda lwe olwakkono nga mina amuli kuddyo, nga buli kayinja kakasuka aleterako takibiirahOluvannyuma naddayo emina nasomera abantu khutuba eyamaanyi, nabamanyisa/ nabategeeza muyo obukulu bwolunaku lwa nahali (olwekkumu mu dhul-hijja) n'obulungi bwalwo, era nababuulira obukulu n'emizizo gyekibuga Makka,Nabakuutira okuba abawulize era abagonvu eri yenna abakulembera n'ekitabo kya Allah, era nabayigiriza emikolo gyabwe (egya hijja)Oluvannyuma nagenda emina ewasalirwa ebisolo naasala ensolo nkaaga mu satu (63) n'okuono gwe nga ayimiridde nga akwasizzako omukono gwe ogwakkonoOluvannyuma nalekera awo nalagira Ali okusala ezisigaddewo ku kikumi, n'oluvannyuma nalagira Ali okuzisadaakira abanaku era namulagira obutawa mukinjaje/ mubaazi yenna kantu konna olw'okubaaga

Era nabategeeza nti mina yenna asalirwamu ekisolo (ekifo kyonna mu mina kisalirwamu ekisolo)

Bweyamaliriza okusala ensolo yatumwa kikyoozi namusalako enviiri, natandika n'oludda olwaddyo(enviiri) naziwa Abu twalaha, oluvannyuma nasala ezoludda olwa kkono era nazo enviiri naziw Abu twalaha namugamba:Zigabanye wakati w'abantu (ziwe abantu)

Nasabira abasazeeko enviiri zabwe zonna Allah abasonyiwe emirundi esatu ate abakendezezaako nabasabira omulundi gumu, era mukyala we Aisha nakuba kalifuuwa oluberyeberye nga tannava mu mizizo

Oluvannyuma nagenda e Makkah kunsolo ye nga dhuhr tennabaNeyetoloola twawafu ya ifaadha yokka era teyagattako kuyo Sa'ayi, era teyatambula muyo emirundi esatu egisooka nga ayanguyirira wadde mutwawaafu esibuula wabula ekyo yakikola ku twawaafu y'okutuuka (Quduum)Oluvannyuma nga amalirizza okwetoloola yagenda ku zamuzamu nebamusenera akalobo nanywa nga ayimiriddeOluvannyuma naddayo emina nasulayoWabula kyayawukanwamu wa weyasaalira dhuhri kulunku olwo, kyaggibwa ku Ibun Umar nti yasaalira dhuhri e mina, ate Jaabir ne Aisha ne bagamba nti yasaalira MakkaObudde bwebwakya yalindako okutuusa enjuba lweyakyuka nesala obwekkati bweggulu, era bweyakyuuka yafuluma mu weema ye nagenda kubiwagi, natalinnya nsolo, yatandika nekiwagi ekisooka ekirinaanye masdid al-khaif, nakikuba amayinja musanvu, nga buli kayinja ayogereko nti: Allahu akibar (Allah yasinga byonna)Oluvannyuma neyeseetula naddako mu maaso gekiwagi, nayolekera ekibula nawanika emikono gye nasaba edduwa nga mpaavu eyenkanankana ekigero kya surat al-baqaratOluvannyuma nadda ku kiwagi ekyawakati nakyo nakikuba, bweyamaliriza nadda kumabbali wakyo kuludda olwakkono olinaanye ekiwonvo,Nayimirira nga ayolekedde ekibula, nga awanise emikono gye nalwaawo kumpi kwagala kwenkana nga oluyimirira lwe olwasooseOluvannyuma nadda ku kiwagi ekyokusatu ekiyitibwa aqaba nabanga ayolekera mukiwonvu (kubanga ekiwangi ekisembayo kali kumpi nekiwonvu newankubadde nga kati ekiwonvu

kyajjibwawo),Nabanga akiyitako naddira Kaaba nga emuli kuludda olwakkono nga mina emuli kuddyo, nakyo nakikuba obuyinja musaanvu

Bweyamaliriza okukuba ekiwagi yaddayo (emina) era teyakiyimirirako

Kiteeberezebwa nti yalinga akuba ekiwagi nga tannaba kusaala dhuhr oluvannyuma naddayo nasaala, yakkiriza Abbaasi okusula e makka ebiro ebisulwa emina asobole okuwa abantu amazzi

Era teyayanguwa kuva mina kudda makka mu nnaku ebbiri, wabula yalwayo okutuusa lweyajjuza ennaku z'okwanika ennyama essatuNagumbulukuka oluvannyuma lwa dhuhr nadda e muhasswib,Nasaala dhuhr ne aswir, ne magharib, ne ishaa-e neyeebaka olwebaka olwamaanyiOluvannyuma nagenda emakka neyetoloola olwetoloola olusiibula ekiro nasula nga atunula, era teyayatambula nga abbirira ebigere mulwetoloola olwoNakkiriza swafiyya nga ageeze munsonga obuteetoloola lwetoloola olusiibulaNalagira Aisha okukola umurah mukiro ekyo nga avudde etani-imu, olwokumukakkanya omutima nga awereddwako mwannyina AbdulrhmaanAisha bwamaliriza umurah ekiro ekyo yayita baswahaaba be bwebakyo nebasimbula nebadda emadiinah

# Okulunngamya kwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- munsolo zokusaddaaka/ zokugaba, n'okusala dhuhiya ne akiiqat

## Okulunngamya kwe –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- munsolo zokusaddaaqa, z'okugaba:

Yasaddaaka embuzi, nasaddaka enngamiya, era nasaddaaka ente kulwabakyala be, era yasaddakanga nga tali mulugendo, nasaddaka nga ali mu hijja, ne mu umurah,

Era yalinga nkolaye okulamba embuzi eyokusadaaka oba okugisibamu ekyambiko mu bulago naye nga takirangiridde, era bweyagabanga ekirabo nga tali mulugendo, teyeziyizangako kintu kyonna kyalinga kikkirizibwa kuye

Era bwe yagabanga enngamiya nga agiramba oba nga agisibamu ekyambiko nagirangirira, nasala ku bango lyayo kuludda olwakkono

Era byesindikanga ekisolo kyokusaddaka nga alagira gwatumye singa ensolo efuna obuzibu mukkubo agisale oluvannyuma annyike engattoze mu musaayi gwaayoOluvannyuma nagissa kumabbali era talyako kunnyama yaayo wadde baali nabo akantu konna, bwamala agabe ennyama eyo

Era yalinga agatta ba swahaaba be kunsolo yokusala enngamiya abantu musanvu, nente abantu musanvu

Nakkiriza oyo yenna atambuza ekisolo kyokusadaaka okukyebagala mubulungi bwewabaawo obwetaavu okutuusa nga afunye ekirala ekitali kyo

Era yalinga nkolaye okusala enngamiya nga eyimiridde nga agikutteko n'omukono gwe ogwakkono, era yalinga asoma erinnya lya Allah nga asala naleeta ne takibiira (bisimillah Allahu akibar)

Era yalinga asala ensoloye mu hijja ye kennyini, ate oluusi nga afunayo gwasigira kuzimu

Era bweyalinga asala embuzi alinnya ekigere kye kumgulu gaayo oluvannyuma nasoma bisimillah Allahu akibar, nasala

Nakkiriza abantu bekibiina kye okulya kukisolo kyebasaze okusaddaaka, ne dhuhiya zaabwe n'okwesibirira kuyo (okusiba nebatwaalako)

Oluusi yagabanyanga ennyama gyasaze, ate oluusi nga agamba nti ayagala yesalire

Era yalinga nkolaye okusalira ekisolo kya umurat e muruu-at, ate ekya hijja ya qiraan e mina

Era teyasalako kisolo kye nakamu okujjako nga avudde mu mizizo, era teyakisalako okujjako nga enjuba amaze okuvaayo nga amaze n’okukuba ekiwagiEra talina gweyawa lukusa kusala kisolo n’akamu nga enjuba tennaba kuvaayo

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bubeere kuye- mu kusala dhuhiya

Yalinga talekaayo kusala dhuhiya, era yalinga asala embuzi bbiri, era yalinga azisala oluvannyuma lweswalah ya Iddi nagamba nti:Zonna ennaku z’okwanika ennyama zakusala

Era nategeeza nti yenna asala oluberyeberye nga eswalah tennaba aba tasaze dhuhiya era tafuna mpeera yaayo, wbula eyo nnyama gyawadde abantu be

Nabalagira okusala embuzi envubuka nga nayo yewezezza emwezi mukaaga, nokusala enngamiya ewezezza emyaka etaano, ate ente bwebabanga eyngidde mu mwaka ogwokusatu

Era yalinga nkola ye okulonda dhuhiya ennungi etalina kamogo konnaNaziyiza okusala ekisolo ekitalina kutu, nekimenyese ejjembe, nekyettulu (ekirina eriiso erimu) nekiwenyera, nekirema nekimenyese, nekirina ejjembe erimuNalagira okwekebejja oba okukebera obulamu bw’okutu n’eriisoNalagira yenna ayagala okusala dhuhiya obutasala kunviirize oba okumwa ekintu kyonna kumubiri gwe singa ennaku ekkumi ziba ziyingiddeEra yalinga nkola ye okusalira wasaalidde

Era yalinga njigiriza ye nti embuzi emalira omuntu omu nabantu be kababeere bangi batya

## Enjigiriza ye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu kusala Akiikat

Kituufu/ kikakafu okuva kuye nti yagamba:Buli mwana yenna musingo eri akiiqah ye emusalirwa kulunaku olw’omusanvu (okuva lw’azaaliddwa), nasalaakwo enviiri, n’atuumibwa n’erinnyaNagamba:Omwana omulenzi asalirwa embuzi bbiri, ate omuwana embuzi emu

# Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu kugula kwe, n’okutunda kwe, n’enkolaganaye (n’abantu abalala

Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- yagulanga era natunda, era nga okugula kwe kwali kusinga ku kugula kwe, oluvannyuma lwokufuuka omubaka

Yapangisa era nebamupangisa, nasigira era nebamusigira, era okusigirwa kwe kwe kwasinga ku kusigira kwe

Yagulanga mubuliwo oluusi ate oluusi nagula ebbanja, nawolereza era nebawolereza gyali, neyewola nga ataddeyo omusingo nenga tagutaddeyo, era neyeyazika,

Natona era nebamutonera, nasaddaaka ensolo zokusala naye nakkirizanga bagimuwadde, wabula neyerekereza nagiwa abalala, era bweyabanga tagitwaale nga yetondera agimuwadde, era bakabaka baalinga bamutonera nakkiriza ebirabo byabwe nabigabanya wakati wa b swahaaba be

Era yali omuntu asinga okukogana obulungi nabalala, era yalinga bweyowola kumuntu yenna amusasula mu ekisinga obulungi, era namusabira omukisa eri abantu nemmaali ye, era lumu yewola enngamiya nannyini najja okumubanja, nabanja Nabbi–okusaasira n’emirembe bibeere kuye- bubi nnyo ba swahaaba nebaagala okumulyamu amaasoNabbi kyava agamba nti:Mu muleke, kubanga mazima nannyini kintu aba nekigambo ku kintu kye****

Yalinga okuyitirira kwobutamumanya tekumwongera okujjako okuba ow’ekisa, era nalagira yenna obusungu gwebuyitiriddeko okuzikiza eryanda ly’obusungu n’okufuna wudhu, n’okutuula bwabanga abadde ayimiridde, nokwekingiriza Allah okuva eri sitaane

Yalinga teyekuluntaliza kumuntu yenna, wabula nga yetowaliza ba swahaaba be, nga atoolera omwana omuto salaam n’omuntu omukulu,

Yalinga asaaga (nabantu) era nga mukusaaga kwe ayogera mazima gokka, era nga anyumya emboozi wabula nga tanyumya okujjako mazima mereere

Era nga yeewaayo nnyo okweweereza, nga atunga engattoze n’emikono gye, nga yeyoleza engoye ze, yeyoleza ekyanzi, akama embuzi, atunga engoye ze, aweereza abantu be, nga yetikka amatafaali ne ba swahaaba be mu kuzimba omuzikiti

Era yemuntu eyali asinga ebitonde byonna ekifuba ekyanjulukufu, n’omutima omulungi

Era teyebuzibwako ku kusalawo wakati w'ensonga ebbiri okujjako nga alondako esinga obwangu ebbanga lyebanga si nkyamu/ kwonoona

Era teyerwaanangako naakamu olwokulyazamanyizibwa, ebbanga lyekiba nti si kutyoboola mateeka ga Allah, bagatyoboolwa nga olwo lweyanyiga nga

Yalinga yebuuzibwako era naye yebuuza kubantu abalala, nalambula abalwadde, nagenda naziika, ayanukula nga ayitiddwa, nga atambula wamu ne namwandu nomunaku n’omunafu okumala ebyetaago byabwe

Era yalinga asabira oyo yenna asembedde gyali ekyo kyonna kyayagala, nagamba:Yenna okoleddwa ekirungi nagamba akimukoledde nti: Allah akuweemu ekirungi, aba atukirizza okwebaza

## Enjigiriza/ enkola ye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mukuwasa n’enkolagana ye nabakyaala

Kyakakata okuva kuye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- nti yagamba:Nayagazisibwa munsi yammwe: abakyala ne kalifuuwa, ate ne nfuulirwa okutebenkera kwange muswalahNagamba:Abange mmwe abavubuka yenna afunye obusobozi mu mmwe awasenga, era nagamba nti: muwase abawala abato abamatutu abazaala (abamanyi omukwano)Era yalinga yeyisa bulungi eri bakyala be mumbeera ze ezekyama, nempisa ennungi, era yalinga agamba nti:Abasinga obulungi mummwe, yabasinga obulungi eri abantu be, nange nze mbasinga obulungi eri abantu bangeEra yalinga singa omu kubantu be ayagadde oba ng yegombye ekintu kyonna nga tekiriimu haraamu nga akimutuusakoEra mukyalawe yenna bweyanyweranga ku kikopo nga naye akikwata nanywera wanywereddeEra yalinga amwesigama nga bali mukisenge nga bwasoma qura’an nebweyabanga oluusi ali munsongaEra yalinga amulagira okwesibako enkutu/ leesu (bweyabanga munsonga) oluvannyuma nazannya zannya naye (nga abali munsonga z’obufumbo)Yalinga bwamaliriza eswalah ya aswir nga ayitayita mubakyala be, okulaba embeera gyebalimu nokuma obwetaavu bwabweEra obudde bwebwazibanga nga agenda ewannanyini lunaku (kisanja) n’asula eyo

Era yalinga abasalira ebisanja wakati waabwe mukubalabirira n’okusula, era oluusi yalinga ayamba abamu ku bakyala be nga nabalala webali

Yalinga agenda eri bakyala be mubudde bwekiro obusembayo oba kuntandikwa yakyo,Bweyagenda gyali muntandikwa yekiro oluusi nga anaaba ne yebakaOluusi nga afuna wudhu ne yebakaNagamba:Yakolimirwa omusajja yenna eyegatta n’omukya emabegawe (mubufulumiro)Nagamba:Singa omu mummwe bwaba ayagala okugenda eri mukyala we agamba nti: Ayi Allah tukusaba otwesambye sitaane ne (ezadde) lyonaaba otuwadde/ otugabidde nalyo olyesambye sitaane, mazima ddala singa Allah abagerera wakatiwaabwe nebafuna omwana mukwegatta okwo, sitaane teyinza kumukosa olubeerereraNagamba:Omu mummwe bwafuna omukyala oba omuweereza, oba ekyebagalalwa akwate nga kumutwe gwe asabe Allah amuweemu omukisa, era asome nga erinnya lya Allah, agamba: Ayi Allah mazima nze nkusaba ompe obulungibwe n’obulungi bwewamutonderako, era newogoma gy’oli omponye obubi bwe n’obubi bwewamutonderakoEra yalinga agamba awasizza nti:Allah akuteeremu omukisa, era akuwe emikisa, era abagatte mwembiriri mubufumbo obulungi

Era bwe yabanga alina mulugendo gyalaga, nga akuba akalulu wakati wabakyala be, yenna kubo akalulu gwekaakwata nga gweyafuluma nga naye, nga abasigadde talina kyabaliyirira

Era teyali nga nkolaye okufaayo ennyo okuzimba enyumba ezebeeyi, n’okuziyooyoota, n’okuziwunda n’okuzigaziya

Era Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- yataako kubakyala be (talaqa) era nabazza, n’alayira obutegatta nabamu ku bakyala be (okubasenguka) okumala ebbanga lya mwezi gumu, wabula teyataako mukyala yenna nga ayitira mukumufaananya omugongo gwannyina (dhihaalu)

# Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mubyokulya n’okunywa

## Enjigiriza/ enkolaye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu by’okulya

Yalinga taboola mmere emuwereddwa wadde okwekaluubiriza okunoonya oba okusaba etaliiwoTeri kyakulya mubirungi kyamuleterwa okujjako nga akilya mpozzi nga omutima gwe gukyigaanye/ gukyekanasizza,Nga akireka awatali kuyiziyiza, wadde omutima gwe okukitamwaTeyayogera ku bumogo bwa mmwere n’omulundi n’ogumu, bweyabanga agyetaaze ng’agirya ekitali ekyo nga agireka, nga bweyaleka okulya enswaswa kubanga yali teyagimanyiraEra yalinga alya ekyo kyonna ekisobose, nga bwekibula nga aguminkiriza, okutuusa okuba nti mazima asiba ejinja kulubuto olwenjalaNga omwezi guyinza okuyitawo n’omulala, n’omulala nga munyumba ye temukumiddwamu muliro amakulu nga temufumbiddwamu kantu

Era teyali nkola ye okwesiba ku kika kimu ekyemmere obutakivaako kulya ndala

Era yalyanga ebiwomerera n’omubisi gwenjuki era nga abyagala nnyoNalya ennyama ye ngamiya (evubuka), n'endiga nenkoko, ne Hubaara (kinyonyi kirina ensingo mpaavu nga embaata y'okumazzi) n'ennyama y’entulege, nakamyu, nebyenyanjaNalya ennyama enjokye, entende embisi n’enkaluNalya omugaati nennyama, era nalya omugaati nezayitiNalya entende embisi ku mboga, nalya ensujju enfumbe era yalinga abyagala nnyoNalya ennyama yendiga enjokye, era nalya entende embisi n’amata ga bongo

Yalinga ayagalo nnyo ennyama, era nga asinga kwagala lubiiri nenkwakwa

Era yalinga alya ebibala by’okukitundu bwebyabanga byengedde era nga tabyesamba

Era ebyokulya bye ebisinga bayaliriranga wansi kuttaka nebabisaawo nalya

Era yalinga alagira okuliisa omukono ogwa ddyo, era naziyiza okuliisa kkonoNagamba nti:Mazima sitaane erisa kkono, era nenywesa kkonoEra yalinga aliisa engalo satu, era nazikomba nga amalirizza okulyaEra yalinga talya nga yesigamye, nga n’okwesigama kulimu emiteeko esatu, ogumu kugyo: okwesigamira kuludda olumu, okwokubiri: okussa okugulu kwaddyo wansi wekisambi kya kkono, nokugulu kwakkono wansi wekisambi kyaddyo, n’okwokusatu: kwekusimba omukono ogumu n’oliisa omulala, zonna esatu zivumirirwa, era yalyanga agombedde amagulu ge gombiriri (okutuula ekiswayiri)N’okugombera amagulu: yemuntu okutulira obutuuliro bwe nasimamba entuubwe ze zombiriri- nagamba:Mazima ntuula nga omuddu bwatuula, era nendya nga omuddu bwalyaEra yalinga bwassa omukono gwe mu mmere nga agamba: Bisimillah “kulw’erinnya lya Allah” nalagira yenna alya okusooka okusoma erinnya lya AllahNagamba:Omu mummwe bwabalya emmere ayogerenga erinnya Allah omugulumivu, bwaba yerabidde ogwogera erinnya lya Allah kuntandikwa, agambanga: Bisimillah fi awwalihi wa-akhirihi” (Erinnya lya Allah lyogerwa kuntandikwa ne kunkomerero)Nagamba:Mazima sitaane eyanguyirwa okulya emmere y'omuntu singa atandika okulya nga tasomye linnya lya AllahYalinga anyumiza ku mmere, era ng'addinngana okubaletera abagenyi be emmere enfunda eziwera, nga era abantu abagabi bwebakolaEra bweyasitulanga emmere ku mumwa gwe ng'agamba nti:Amatendo gonna amajjuvu, amalungi gonna ga Allah atenderezebwa olutendereza olulungi olulimu emikisa (okutenda okwo) tekumumala ate tekulekeka, era tekwewalika owange ggwe omulezi waffeEra bweyalyanga emmere awantu, nga tafuluma okujjako nga abasabidde,Nagamba nti:Abasiibi basibulukukidde wano ewammwe, abalongoofu balidde kummere yammwe, era malayika zibasabidde obulungi n’emikisa

Era yalinga asabira oyo yenna akyaaza abanaku era nabawaana

Era yalinga teyekanasa kulya namuntu yenna kaabe muto oba mukulu mwana waboobwe, oba muddu, munnamalungu oba musenguse

Era yalinga bwebamuleetera emmere nga yasiibye nga agamba: Mazima nze nasiibyeEra nalagira yenna gwebaleetedde emmere nga yasiibye okusabira oyo agimuletedde, ate bwabanga teyasiibye alyekoEra bweyayitibwanga ku kijjulo nafuna amuwerekerako nga ategeezako kamukyaza, nagamba nti:Mazima ono atuwerekeddeko, bwemuba mwagala mu mukkirize, era bwemuba mwagadde addeyo

Era nalagira bonna abemulugunya gyali nti tebakkuta, okukunngana baliire wamu era baleme kweyawula nga balya, era bogerenga erinnya lya Allah kuyo Allah abateeremu omukisa

Nagamba:Omuntu tajjuzangako kisawo bubi okusinga olubuto, kimalira omuntu okulya ekigero ekyo kyayimirizaawo nakyo obulamu bwe, naye bwekiba nga tekyebeereka olubuto alwawulengamu ebitundu bisatu, ekisooka kyammere, ekyokubiri kya byakunywa, eky'okusatu kyakusizaamu.Era lumu yakomawo ekiro awaka nasaba emmere naye nga tewaliNagamba:Ayi Allah nkusa oliise oyo andiisizza era onywese oyo annywesezza

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu by'okunywa

Obulunngamu bwe mu byokunywa bwebwali businga obujjuvu mu kukuuma obulamu, era ekyokunywa kyeyali asinga okwagala ****ekinnyogoga

Oluusi yalinga anyway amata agataliimu kintu kyonna, ate ebiseera ebirala nga anywa agalimu ku mazzi, nagamba:Ayi Allah tuweemu omukisa, era ogatwongere, kubanga mazima tewali mmere abyakunywa byetufunamu kusinga mataEra teyali nkola ye kunywera ku mmere, oluusi yalinga bamukamulira omubisi kuntandikwa y’ekiro nagunywa ku makya nga bukedde, nekiro ekiddako, n’ekiro ekirala, n'enkeera okutuusa ku aswir;Bwegwabanga gusigaddemu nga aguwa omukozi oba nalagira nebaguyiwa

Nabiith kitegeeza omubisi ogukamuddwa muntende, era yalinga tagunya oluvannyuma lw'ennaku satu nga bagukamudde olw’okutya okuba nti gufuuse ekitamiiza

Era yali nkolaye emanyiddwa okunywa nga atudde, n’okugaana okunywa nga oyimiridde, naye lumu yanywako nga ayimiriddekigambibwa nti ekyo yakikola olw’obuzibu, era nekigambibwa nti ekyo yakikola kusiimulawo kugaana kwe kunywa nga oyimiridde, nekigambibwa nti byombiriri bikkirizibwa (okutuula n’okunywa nga oyimiridde)Era yalinga awummuzaamu okussa nga bwanywa emirundi esatuNagamba nti:Mazima ekyo kyekisinga okugoba ennyonta, nokuba ekirungi eri obulamu, nemmere okukka obulungi (emirembe) mu lubutoAmakulu g’okussa nga bwanywa kwe kwesambya ekikopo omumwa gwe nassa omukka nga bwe kyajja mukigambo kye nti:Omu mummwe bwabanga anyway tassizaanga mukikopo, wabula yesambye kyanyweramu omumwa gwe (asooke akisse wansi), era n'agana okunywera mukituli ekiri mukyanzi oba kumwa gwekidomolaThullat: lwe lwatika/olunyaafa n'omwa gwekintuYalinga asoma erinnya lya Allah nga agenda okunywa era namwebaza/ namutendereza nga amalirizzaNagamba:Mazima Allah asiima omuddu amaliriza okulya neyebaza Allah kukyo, namala okunywa neyebaza Allah olwekyo

Era yasabanga amazzi gokunywa amawoomu, nga nago ge malungi agataliimu munnyo nalondako agasuzeewo mugo

Era bweyanywanga nga asooka kuwaako amuli ku ddyo nebweyabanga amuli ku kkono amusinga obukulu

Era nalagira okusaanikira oba okubikka ku bintu, n'okusibako ekintu waggulu,Kakube waakiri okuteeka akati, n’okusoma erinnya lya Allah nga akikola

Amakulu okubikka kumumwa gwekyanzi n’okugusibako

## Obulunngamu bwe –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu daawa

Yalinga akowoola abantu okudda eri Allah ekiro n’emisana, mukyama ne mulwatu,Yabeera e makka e myaka esatu egyasooka mukutumibwa kwe nga akowoola abantu eri okusinza Allah mukimugunyu (mukyama)Naye bweyassiwako etteeka erigamba nti: (Kale yatuukiriza by'olagirwa) surat Al- hijri 94, ya yatuukiriza olwekiragiro kya AllahNga tatya mukukowoola eri Allah kunenya kwamuntu yenna anenyaNakowoola eri Allah omukulu n’omuto, owana waboobe n’omuddu, omusajja n’omukyala, namajinni n’abantu

Era mukiseera nga baswahaaba be basusse okubonerezebwa mu makka, yabakkiriza okusenguka bagende e Habasha (Ethiopia)

Nafuluma nagenda e Twaif oba olyawo anafunayo amutaasa, nabakowoola okudda eri Allah, naye natalabayo muwagizi wadde mutaasaNebamukosa olukosa olwamaanyiNebamutulugunya olutulugunya lwatafunangako mu bantu beNebamufulumya nebamuzza e makka(Wabula yali tayinza ku muyingira) okujjako olwokuyambibwa oba okuwerekerwako Mutwiam bun AdiyyiNaamala ebbanga lya myaka kumi nga akowoola mulwatu, nga afaayo nnyo okukowoola mu biseera bya hijja buli mwakaNga agoberera ba haaji mubisulo byabwe, nebiseera byebikujjuko mukate ke Ukaadhi ne mijinnat ne dhi al-mijaaziOkutuusa okuba nti yalinga abuuza kubika ebimu wa gyebibeera kimu ku kimuOluvannyuma yasisinkana abantu mukaaga e Aqaba bonna nga bava mukika kyaba KhazirajiNabakowoola eri obusiraamu, nebasiramuka oluvannyuma ne baddayo emadiinah,Nabakowoola abantu eri obusiraamu, nebabuyigira okutuusa okuba nti teri maka okujjako nga obusiraamu bwagayingiramuEra omwaka ogwaddako bajja mubo abasajja kumi nababiriNabalagaanyisa okukola nabo endagaano (bai-at al-aqaba) nebamuwerera okuba awamu naye, okuba abawulize era abagonvu, n’okuwaayo, okulagira empisa ennungi n’okuziyiza empisa embiN’okwogera ku lwa Allah nga tebatidde kunenya kwa muntu yenna anenyaN’okumutaasa, n’okumukuuma mwebyo byebakuuma mubyo emitima gyabwe nebakyala baabwe, n’abaana baabwe nga nga bakusasulwamu janah, oluvannyuma nebtambula ne badda e madiinahNabawa ibun Ummu Makhutuum okugenda awamu nabo ne Mus’abu bun Umair babasomese qura’an era bakowoole abantu eri Allah (eri obusiraamu)Abantu bangi ne basiramukira ku mikono gyabweMubo mulimu Usaid bun Hudhari, ne Saad bun Mu’aathiOluvannyuma Nabbi –okusaasira n’emirembe bibeere kuye nakkiriza abasiraamu okusenguka okugenda e madiinah abantu nebasitukiramuOluvannyuma naye neba swahaaba be ne babagoberera Nagatta wakati w aba muhajiruuna ne ba Aniswaar, era nga baali abantu kyenda (90)

## Enjigiriza ye –okusaasira n’emirembe bibeere kuye- mu kubudamya, n'okutabaganya, nenkolagana ye nababaka (abatuiddwa gyali):

Kyakakata okuva kuye nti mazima yagamba:Obukuumi bw'abasiraamu buli bumu, n'owawaansi asembayo asobola okubuwaNagamba:Yenna alina endagaano wakati we n'abantu abalala, tamenyanga endagano ye wadde okujisiba okutuusa nga ekiseera kyayo kiweddeko oba abasuulire endagaano yabwe mulwatu (abategeeze nti esaziddwamu)Nagamba:Yenna abudamya nga omuntu (namuwa obukuumi) ate oluvannyuma namala namutta, nze ndi wala nnyo nasse (sivunaanyizibwa ku kikolwa kye ekyo)Era bwebajja gyali ababaka babiri okuva ewa Musailamat, neboogera byebaayogera, yagamba:Singa sikuba nti mazima omubaka tattibwa nandibatemyeko ensingoNenfuuka enkola nti omubaka tattibwa

Era yalinga tasiba omubaka atumiddwa gyali bweyasalangawo okusigala mu ddiini ye wabula nga amuleka n’agenga

Era abalabe be bwebakolanga endagaano n’omu ku ba swahaaba be nga teriimu kukosa basiraamu awatali kusiima kwe nga agiteeka munkola

Yakola naba quraish endagaano y’okuteeka wansi eby’okulwanyisa okumala emyaka kumi, era mazima nga yenna ajja gyali nga asiramuse amuzeeyoNga ate yenna agenda eri abaquraish okuva eri Nabbi bbo nga tebamukomyawo, Allah endagaano nagisazaamu kuludda lwabakyala (nga singa omukyala asiramuka taddizibwayo mubakaafiiri) nalagira okubagezesa obanga ddala basiramuseYenna gwebaazuulanga nti ddala asiramuse nga tebamuzzaayoNalagira abasiraamu okuzzayo amahale eri abadde bba w’omukyala akyuuse bwebabanga babonerezeddwaKwe kubanga kibakatako okuzzaayo

